Obukkiriza

N'EKYENNYUME KYABWO

N'ebintu Ekkumi Ebiggya Omuntu Mu Busiraamu

Kivvuunuddwa era ne kinnyonnyolwa:

Muhammad Quraish Mazinga Abu-Sa'ad

Ebiri munda

Emitwe **Olupapula**

بِسۡمِ ٱللَّهِ ٱلرَّحۡمَٰنِ ٱلرَّحِيمِ

Amatendo amalungi era amajjuvu ga Allah ﷻ yekka. Okusaasira n'emirembe bibe ku (Nabbi Muhammad ﷺ) oyo atalina Nabbi yenna alitumwa oluvannyuma lwe.

Kimanyiddwa bulungi, olw'obujulizi obungi obuli mu Qur'aan ey'ekitiibwa ne mu Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ nti emirimo emirungi n'ebigambo ebirungi bituuka era ne bikkirizibwa eri Allah ﷻ singa biba bizimbiddwa ku nzikiriza entuufu. Enzikiriza bw'etaba ntuufu, byonna ebijizimbirwako mu mirimo emirungi n'ebikolwa ebirungi biba bifu[1] era tebikkirizibwa mu maaso ga Allah ﷻ - nga bwe yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ وَمَن يَكۡفُرۡ بِٱلۡإِيمَٰنِ فَقَدۡ حَبِطَ عَمَلُهُۥ وَهُوَ فِي ٱلۡأٓخِرَةِ مِنَ ٱلۡخَٰسِرِينَ ٥ ﴾ المائدة

N'oyo yenna awakanya Obukkiriza mazima emirimo gye gyonna giba gimufudde era ku nkomerero agenda kuba mw'abo abafaafaaganiddwa

N'agamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ وَلَقَدۡ أُوحِيَ إِلَيۡكَ وَإِلَى ٱلَّذِينَ مِن قَبۡلِكَ لَئِنۡ أَشۡرَكۡتَ لَيَحۡبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ ٱلۡخَٰسِرِينَ ٦٥ ﴾ الزمر

1 Tewali mulimo gusobola kukkirizibwa mu maaso ga Allah okuggyako nga gukungaaniddemu ebintu bisatu: Okuba nti agukoze Musiraamu –tagatta ku Allah kintu kirala kyonna, Okuba nga agukoze kulwa Allah, n'okuba ng'agukoze ng'Omubaka Muhammad bwe yagukola oba nga bwe yagusomesa.

Mazima ddala wassibwako obubaka ne ku abo (ba Nabbi) abakukulembera (okutumibwa) nti: Singa kaakutanda n'ogatta ku Allah ekintu kyonna, emirimo gyo (emirungi) gyonna gyalikufudde era waalibadde mu bafaafaaganiddwa.

N'obujulizi mu Qur'aan ku nsonga eno bunji nnyo.

Mazima Qur'aan ey'ekitiibwa ne Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ byakirambika bulungi nti enzikiriza entuufu eyimirirawo na kukkiriza Allah ﷻ ne ba Malaika Be n'ebitabo Bye n'Ababaka Be n'olunaku lw'enkomerero n'okukkiriza okugera kwa Allah ﷻ. Ebintu ebyo omukaaga[1] by'ebikolo by'enzikiriza entuufu eyo Allah ﷻ gye yassa mu Kitabo Kye eky'ekitiibwa era gye yatuma nayo Omubaka We Muhammad ﷺ.

Ku bikolo ebyo omukaaga era kwe kuzimbirwa ebyo byonna omuddu by'ateekeddwa okukkiriza mu ebyo ebyekweswe (ebitalabibwako) ebyatubuulirwa Ow'ekitiibwa Allah n'Omubaka we Muhammad ﷺ.

Obujulizi bw'ebikolo bino omukaaga mu Qur'aan eyeekitiibwa ne mu Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ bungi nnyo. Obumu ku bwo, kye kigambo kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

﴿ ۞ لَّيْسَ ٱلْبِرَّ أَن تُوَلُّوا۟ وُجُوهَكُمْ قِبَلَ ٱلْمَشْرِقِ وَٱلْمَغْرِبِ وَلَٰكِنَّ ٱلْبِرَّ مَنْ ءَامَنَ بِٱللَّهِ
وَٱلْيَوْمِ ٱلْـَٔاخِرِ وَٱلْمَلَٰٓئِكَةِ وَٱلْكِتَٰبِ وَٱلنَّبِيِّـۧنَ ﴿١٧٧﴾ ﴾ البقرة

Obulongoofu ssi kwe kutunula e buvanjuba oba e bugwanjuba; Wabula Obulongoofu kwe kukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ne ba Malaika Be n'Ekitabo Kye ne ba Nabbi

---

1 Ezo z'empagi z'Obukkiriza omukaaga nga bwe zannyonnyolwa mu Hadiith ya Malaika Jibriil (عليه السلام) eri wansi.

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ ءَامَنَ ٱلرَّسُولُ بِمَآ أُنزِلَ إِلَيۡهِ مِن رَّبِّهِۦ وَٱلۡمُؤۡمِنُونَۚ كُلٌّ ءَامَنَ بِٱللَّهِ وَمَلَٰٓئِكَتِهِۦ وَكُتُبِهِۦ
وَرُسُلِهِۦ لَا نُفَرِّقُ بَيۡنَ أَحَدٖ مِّن رُّسُلِهِۦۚ ﴿٢٨٥﴾ ﴾ البقرة

Omubaka (Muhammad) yakkiriza ebyo ebyassibwa gy'ali nga biva eri Omulezi we. N'Abakkiriza, buli omu (ku bo) y'akkiriza Allah ne ba Malaika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be. (Abakkiriza bagamba nti): Tetuboola Mubaka yenna mu Babaka Be.

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ ءَامِنُواْ بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِۦ وَٱلۡكِتَٰبِ ٱلَّذِي نَزَّلَ عَلَىٰ رَسُولِهِۦ
وَٱلۡكِتَٰبِ ٱلَّذِيٓ أَنزَلَ مِن قَبۡلُۚ وَمَن يَكۡفُرۡ بِٱللَّهِ وَمَلَٰٓئِكَتِهِۦ وَكُتُبِهِۦ وَرُسُلِهِۦ
وَٱلۡيَوۡمِ ٱلۡأٓخِرِ فَقَدۡ ضَلَّ ضَلَٰلَۢا بَعِيدًا ﴿١٣٦﴾ ﴾ النساء

Abange mmwe Abakkiriza! Mukkirize Allah n'Omubaka We n'Ekitabo (Qur'aan) ekyo kye yassa ku Mubaka We n'Ekitabo kye yassa kw'abo be yasooka okutuma. N'oyo yenna akaafuwalira Allah ne ba Malaika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be n'olunaku lw'enkomerero Mazima aba abuze olubula olw'ewala ennyo

N'agamba Allah ﷾:

﴿ أَلَمۡ تَعۡلَمۡ أَنَّ ٱللَّهَ يَعۡلَمُ مَا فِي ٱلسَّمَآءِ وَٱلۡأَرۡضِۚ إِنَّ ذَٰلِكَ فِي كِتَٰبٍۚ إِنَّ ذَٰلِكَ عَلَى
ٱللَّهِ يَسِيرٞ ﴿٧٠﴾ ﴾ الحج

Abaffe tomanyi nti mazima Allah amanyi ebiri mu ggulu ne mu nsi? Mazima ebyo byonna biri mu Kitabo. Ddala ekyo eri Allah kyangu nnyo.

Ne mu bujulizi obuli mu Sunnah, ye Hadiith emmanyifu eri mu swahiih Muslim eva ku mukulembeze w'Abakkiriza Umar Ibn Al-Khattwabi ﵁ nti, Malaika Jibril ﵇ yabuuza Omubaka Muhammad ﷺ ku Bukkiriza, Omubaka n'amwanukula nti:

الإ ان، أن تؤمن با وملائكته وكتبه ورسله واليوم الآخر
وتؤمن بالقدر خ ه وشره

Obukkiriza: Kwe kukkiriza Allah ne ba Malaika Be n'Ebitabo Bye n'Ababaka Be n'Olunaku lw'enkomererero n'Okukkiriza Okugera kwe: Ekirungi n'ekibi (nti y'akigera)

Hadiith eno era esangibwa mu Bukhari ne Muslim ng'eva ku Abu Hurairat ﵁.

OKUKKIRIZA ALLAH
(Empagi y'Obukkiriza Esooka)

Mu kukkiriza Allah ﷻ, omuddu ateekeddwa okukkiriza nti Allah ﷻ ye yekka asinzibwa mu butuufu n'akakasa nti ebyo byonna ebisinzibwa ebitali Ye bisinzibwa mu bukyamu. Anti Allah ﷾ ye Mutonzi w'abaddu bonna era y'alongoosa embeera zaabwe era Omugabirizi waabwe era omumanyi w'ebyama byabwe n'ebyeyolefu ku bo era nga Ye yekka alina obusobozi obujjuvu obusasula abagonvu mu bo empeera ennungi n'obubonereza abajeemu mu bo.

Ow'ekitiibwa Allah yatonda abantu n'amajinni lwa kumusinza era yabiragira bimusinze bwe yagamba nti:

﴿ وَمَا خَلَقْتُ ٱلْجِنَّ وَٱلْإِنسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ ﴿٥٦﴾ مَآ أُرِيدُ مِنْهُم مِّن رِّزْقٍ وَمَآ أُرِيدُ أَن يُطْعِمُونِ ﴿٥٧﴾ إِنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلرَّزَّاقُ ذُو ٱلْقُوَّةِ ٱلْمَتِينُ ﴿٥٨﴾ ﴾ الذاريات

Ssaatonda majinni wadde abantu (kunkolera kirala kyonna) wabula lwa kunsinza. Ssibaagalamu kundabirira era Saagala bandiise. Mazima Allah Ye Mulabirizi (alabirira n'agabirira ebitonde byonna) Ow'amaanyi amayitirivu (atalina ky'alemwa – Ow'olubeerera)

N'agamba Allah ﷾ nti:

﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ٱعْبُدُوا۟ رَبَّكُمُ ٱلَّذِى خَلَقَكُمْ وَٱلَّذِينَ مِن قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿٢١﴾ ٱلَّذِى جَعَلَ لَكُمُ ٱلْأَرْضَ فِرَٰشًا وَٱلسَّمَآءَ بِنَآءً وَأَنزَلَ مِنَ ٱلسَّمَآءِ مَآءً فَأَخْرَجَ بِهِۦ مِنَ ٱلثَّمَرَٰتِ رِزْقًا لَّكُمْ ۖ فَلَا تَجْعَلُوا۟ لِلَّهِ أَندَادًا وَأَنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٢﴾ ﴾ البقرة

Abange mmwe abantu! Musinze Omulezi wammwe oyo eyabatonda mmwe n'abo abaabasookawo musobole okumutya. Oyo eyabafuulira ensi nga mwaliliro (ne musobola

okutereerako) n'eggulu n'alibafuulira akasolya, n'abassiza amazzi (enkuba) okuva waggulu, n'afulumya nago ebibala nga bya kulya byammwe. N'olw'ekyo temuteekanga ku Allah Omutonzi ba katonda ab'obulimba nga nammwe mumanyi bulungi nti: (Tewali mulezi abalabirira okuggyako Ye).

Era mazima ddala, Ow'ekitiibwa Allah yatuma Ababaka n'assa n'ebitabo lwa kunyonnyola nsonga eno enkulu ey'amazima (nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah) n'okukoowoola (abantu n'amajinni) okubizza eri ensonga eyo n'okubilabula, n'okubitiisa, n'okubyewazisa ekyennyume kyayo nga bwe yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ ﴿٣٦﴾ ﴾

النحل

Era Mazima twatumanga mu buli kibiina Omubaka (abalagire nti:) Musinze Allah yekka, mwewale (okusinza) ebitagwanidde kusinzibwa

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَمَا أَرْسَلْنَا مِن قَبْلِكَ مِن رَّسُولٍ إِلَّا نُوحِي إِلَيْهِ أَنَّهُ لَا إِلَٰهَ إِلَّا أَنَا فَاعْبُدُونِ ﴿٢٥﴾ ﴾

الأنبياء

Tetwatuma Mubaka yenna olubereberye lwo okuggyako twamussangako Obubaka nti: Mazima ddala tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Nze; N'olwekyo Munsinze.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ كِتَابٌ أُحْكِمَتْ آيَاتُهُ ثُمَّ فُصِّلَتْ مِن لَّدُنْ حَكِيمٍ خَبِيرٍ ﴿١﴾ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ ۚ إِنَّنِي

﴿ لَكُم مِّنۡهُ نَذِيرٞ وَبَشِيرٞ ٢ ﴾ هود

(Kino kye Kitabo) eky'amateeka amalamuzi (verses basic or fundamental) oluvannyuma ne gannyonnyolwa mu bugazi okuva eri Oyo Omugezi ennyo, Omukenkufu ku buli nsonga. Kisomesa nti: Temusinzanga ekirala kyonna ekitali Allah. Mazima ddala nze (nnatumwa okuva gy'ali nga) ndi mutiisa era omusanyusa gye muli

Okusinza kuno Allah ﷻ kwe yalagira kwe kumwawula n'okumutongoza mu ebyo byonna omuddu byasinza nabyo – ng'okusaba, okutya, okusuubira, okusaala, okusiiba, okusala ekisolo oba ekinyonyi n'ebika by'okusinza ebirala ebitali ebyo – ebiteekeddwa okumukolerwa yekka[1] - n'obwetoowaze,

1 Kimanye nti okusinza kusobola okuba okw'ebigambo oba okw'ebikolwa oba okw'omutima: Eky'okulabirako ky'okusinza okw'ebikolwa, y'Esswala, ate okw'ebigambo, kwe kusoma Qur'aan ate okw'omutima kwekwo Sheikh – Allah amusaasire kw'agezaako okukutegeeza wano: Akuleetedde eby'okulabirako ng'okusaba, okutya, n'okusuubira; Okusaba okutakkirizibwa, kwe kusaba ekitali Allah ebintu ebyeyawulidde Allah – ng'oluzaalo, emirembe, amagezi, obuganzi, obugagga n'ebirala. Ekyo akikola aba akaafuwadde n'ava mu Busiraamu. Omuntu tasaba kitonde kintu kyonna okuggyako ku bukwakkulizo busatu. Akasooka, Okuba nga ky'asaba kiramu, Okuba nga kirina obusobozi ku ky'akisaba n'okuba nga ekitonde ekisabibwa weekiri (omuntu gw'oyogera naye ku ssimu abalibwa nti w'ali). Singa abantu bakungaana okulima ebijja mbu ebizibu ebiri mu family yaabwe – ng'obwavu, okuyombagana, endwadde n'ebizibu ebirala bisobole okuggwawo, baba bakaafuwadde olw'okusaba abantu abaafa edda ate nga tebalina na busobozi ku kye babasaba.

Ate okutya okwagaanibwa, kwe kutya ekintu kyonna mu ntya ey'okukisinza. Ng'omuntu alinnyisa emmotoka egenda okutambuza omufu amagi mbu omufu tabatuusaako buzibu! Oba omuntu emizimu gwe giragira okukola ebikolwa ebya shirik – ng'okugisalira enkoko oba okugirundira embuzi ey'ebitanga oba ey'ekika kyonna kye giba gimulagidde n'agigondera olw'okugitya n'atatya Allah eyamugaana okukola ebikolwa ebyo. Oyo

n'okumuyaayaanira wamu n'okumwagala okujjuvu n'okumwekakkanyiza olw'obugulumivu bwe. Ekitundu ekisinga obunene ku Qur'aan ey'ekitiibwa kyassibwa lwa kikolo ekyo ekikulu, ekigulumivu – nga bwe yagamba Omugulumivu Allah nti:

﴿فَٱعۡبُدِ ٱللَّهَ مُخۡلِصٗا لَّهُ ٱلدِّينَ ٢ أَلَا لِلَّهِ ٱلدِّينُ ٱلۡخَالِصُۚ ٣﴾ الزمر

N'olwekyo musinze Allah ng'eddiini yonna mugikolera Ye yekka. Abange! Eddiini yonna egwanidde kulongoosezebwa Allah yekka.

N'agamba Allah سبحانه وتعالى nti:

﴿۞ وَقَضَىٰ رَبُّكَ أَلَّا تَعۡبُدُوٓاْ إِلَّآ إِيَّاهُ ٢٣﴾ الإسراء

Omulezi wo yasalawo nti: Temusinzanga ekintukyonna okuggyako Ye yekka

N'agamba Allah جل جلاله nti:

﴿فَٱدۡعُواْ ٱللَّهَ مُخۡلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ وَلَوۡ كَرِهَ ٱلۡكَٰفِرُونَ ١٤﴾ غافر

N'olwekyo musabe Allah ng'eddiini yonna mugirongooseza

---

akikola aba akaafuwadde. Kyokka okutya okw'obutonde, ng'okutya ensolo enkambwe oba omutemu n'ebirala ebifaananako bwe bityo, nannyini kwo tavunaanibwa kubanga okwo kutya kwa butonde nga Allah bwe yatunyumiza ku mbeera ya Nabbi Muusa ng'amaze okutta omuntu mu butanwa nti:

﴿فَأَصۡبَحَ فِي ٱلۡمَدِينَةِ خَآئِفٗا يَتَرَقَّبُ ١٨﴾ القصص

Ne bukya ng'ali mu kibuga, mu kutya n'okwekengera (olw'ekyo ekinaamujjira olw'okutta omuntu)

Ye yekka, wadde ng'abakaafiiri ekyo bakitamwa

Ne mu Bukhari ne Muslim, mu Hadiith eva ku Mu'aadh ﵁, Yagamba Nabbi ﷺ yagamba nti:

حق ا   على العباد أن يعبدوه ولا يشركوا به شيئا

Ekikakata ku baddu eri Allah kwe kumusinza yekka ne batamugattako kintu kyonna

Mu kukkiriza Allah ﷾ era, mwe muli okukkiriza ebyo byonna Allah ﷿ bye yalaalika ku baddu be nga bya tteeka okuteeka mu nkola, ng'empagi z'Obusiraamu ettaano enneeyolefu.

Empagi esooka, kwe kujulira nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ﷾ yekka nti era mazima ddala Muhammad ﷺ Mubaka wa Allah ﷾. Eyookubiri, kwe kuyimirizaawo Esswala (ettaano ez'etteeka). Eyookusatu, kwe kuwa Zzaka. Eyookuna kwe kusiiba omwezi gwa Ramadhan nga n'eyookutaano, kwe kulambula ennyumba ya Allah ﷾ ey'emizizo (Kaaba) eri oyo akirinako obusobozi – n'ebintu ebirala Ow'ekitiibwa Allah bye yalaalika ku baddu be ebiri mu nnamula y'Obusiraamu entukuvu Omusiraamu by'ateekeddwa okukkiriza.

Empagi esinga okuba enkulu mu mpagi ezo ettaano ze tulabye waggulu, kwe kujulira (n'omutima wamu n'olulimi) nti: Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah ﷻ yekka nti era Mazima ddala Muhammad ﷺ Mubaka we. Okujulira nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah, kitegeeza nti okusinza kwonna kuteekeddwa kukolerwa n'okulongoosezebwa Allah ﷾ yekka n'okukakasa nti byonna ebitali Allah ﷾ bisinzibwa mu bukyamu. Ago nno ge makulu g'ekigambo ***Laa ilaaha ill'Allah*** – kubanga mazima ***Laa ilaaha ill'Allah*** kitegeeza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah.

N'olwekyo, buli kyonna ekisinzibwa ekitali Allah ﷻ, abe muntu oba Malaika oba jinni oba ebirala byonna ebitali ebyo ebimenyeddwa, byonna bisinzibwa mu bukyamu. Asinzibwa mu butuufu, ye Allah ﷻ yekka nga bwe yagamba nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّ ٱللَّهَ هُوَ ٱلْحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدْعُونَ مِن دُونِهِۦ هُوَ ٱلْبَٰطِلُ ﴿٦٢﴾ ﴾
الحج

Ekyo lwa kuba nga Mazima ddala Allah ye (asinzibwa mu) Butuufu, era mazima ddala ebyo bye basinza ebitali Ye byo (bisinzibwa mu) bukyamu. Era Mazima Allah ye wa Waggulu, Omunene.

Twakirabye nti Allah ﷻ yatonda ebizito ebibiri (abantu n'amajinni) lwa kikolo ekyo (kumusinza) era n'abiragira bimusinze, n'atuma Ababaka era n'assa n'ebitabo lwa nsonga eyo. N'olwekyo fumiitiriza ku nsonga eyo n'obwegendereza era ogyekenneenye bulungi olabe Abasiraamu abangi embeera gye balimu ey'obutamanya kikolo ekyo ekikulu ne batuuka n'okusinza Allah ﷻ wamu n'ebitali ye! Ne bakolera ebitali Allah ﷻ ensonga emweyawulidde! ***F'Allahul Musta'aan.***[1]

---

1 Kya nnaku nti abantu bangi beeyita Abasiraamu kyokka nga ssi Basiraamu! Bangi balowooza nti bw'ayogera ekigambo Laa ilaaha Ill'Allah, n'aba n'erinnya ery'ekisiraamu olwo ng'Obusiraamu abumaze ne bw'aba n'essabo, ne bw'agenda mu basamize ne bw'aloga, ne bw'ayalula abalongo, ne bw'aba n'ebigali wansi w'ekitanda, ne bw'afuuwa emmindi ey'eddogo, ne bwe yeeraguza n'omuntu gw'asoose okusanga oba gw'asoose okuguza, ne bw'aba ne yirizi oba ne bw'agisiba mu baana be – n'ebikolwa ebirala ebiyitirivu ebiggya abantu mu Busiraamu – nga bw'onaabiraba mu maaso - ne basigala nga beesigula amannya g'ekisiraamu, amakanzu, enkoofiira n'ebirala!

Omusiraamu yenna ateekeddwa okumanya nti eddiini y'Obusiraamu erina empagi ttaano, kyokka ng'empagi ennya zitudde ku mpagi emu: Empagi eyo kwe 'kuwakanya byonna ebisinzibwa ebitali Allah n'oyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah yekka n'okukakasa nti Muhammad muddu wa Allah era Mubaka We'. Omuntu ne bw'asaala n'asiiba, n'awaayo

Mu kukkiriza Ow'ekitiibwa Allah era, mwe muli kukkiriza nti ye Mutonzi w'ebitonde byonna era Omukyusakyusa w'embeera zaabyo era akola ky'ayagadde mu byo olw'okumanya kwe n'obusobozi bwe nga bw'aba ayagadde Nannyini buyinza. Allah ﷻ era ye Mufuzi w'ensi n'olunaku lw'enkomerero. Ye Mulezi w'ebitonde byonna, tewali Mutonzi okuggyako Ye, tewali Mulezi okuggyako Ye.

Yatuma Ababaka n'assa n'ebitabo lwa kulongoosa mbeera z'abaddu be n'okubakoowoola okubazza eri okuwona kwabwe. Era mazima ddala, tewali kigwanidde kumugattibwako mu bintu ebyo byonna - nga bwe yagamba nti:

---

emmaali ye yonna, n'akola Hijja buli mwaka n'ayambalanga ekkanzu n'enkoofiira buli lunaku – ne bw'aba Imaam wa muzikiti oba Sheikh oba Kadhi oba Mufti n'obuvunaanyizibwa obulala bwonna mu Basiraamu kyokka ng'omuntu oyo akyakola shirik oba nga talaba mutawaana bantu kumukola nga y'asaalira n'abafu abamanyiddwa nti babadde bashiriku omuntu oyo aba mukaafiiri ne bw'ayogera ekigambo Laa ilaaha Ill'Allah buli ddakiika.

Bw'omala okutegeera ekyo, tunuulira mu ggwanga lyaffe Uganda ly'omanyi obulungi: Abantu bameka abeeyita Abasiraamu nga balina amasabo oba nga bakuba ebitabo oba nga bagagendamu okumalirayo ebizibu byabwe oba nga bagwa mu ebyo bye tulabye waggulu n'ebibifaanana? Eky'okuba nti abakaafiiri ababikola bakyasinga Abasiraamu obungi ssi kye kikulu kubanga enzikiriza yaabwe yazimbirwa ku shirik ate eyaffe yazimbirwa ku Tauhiid. N'olwekyo ab'ebitiibwa Abasiraamu, kitukakatako fenna awamu okusitukiramu tulwanyise shirik. Ba Masheikh, ba Imaam, abawalimu n'Abasiraamu bonna okutwalira awamu twegatte mu lutalo lw'okulwanyisa shirik kubanga okulwanyisa shirik y'ensonga eyatumya Ababaka bonna okuva ku Nuuh عليه السلام okutuuka ku w'enkomerero Muhammad ﷺ. Daa'e kyateekeddwa okutandikirako mu Da'wat ye era ky'ateekeddwa okusinga okuteekako essira ng'Omubaka Muhammad bwe yakolanga.

﴿ ٱللَّهُ خَٰلِقُ كُلِّ شَيۡءٖۖ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيۡءٖ وَكِيلٞ ﴾ الزمر

Allah ye Mutonzi wa buli kintu era ye Mukuumi wa buli kintu.

N'agamba omugulumivu Allah nti:

﴿ إِنَّ رَبَّكُمُ ٱللَّهُ ٱلَّذِي خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٖ ثُمَّ ٱسۡتَوَىٰ عَلَى ٱلۡعَرۡشِۖ يُغۡشِي ٱلَّيۡلَ ٱلنَّهَارَ يَطۡلُبُهُۥ حَثِيثٗا وَٱلشَّمۡسَ وَٱلۡقَمَرَ وَٱلنُّجُومَ مُسَخَّرَٰتِۭ بِأَمۡرِهِۦٓۗ أَلَا لَهُ ٱلۡخَلۡقُ وَٱلۡأَمۡرُۗ تَبَارَكَ ٱللَّهُ رَبُّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ﴾ الأعراف

Mazima Omulezi wammwe ye Allah oyo eyatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, oluvanyuma n'atereera ku al-Arsh (Namulondo ye ey'ekitiibwa). Abissa ekiro omusana ne gukirondoola mu bwangu obwa kaasammeeme! Era ye yatonda enjuba n'omwezi n'emmunyenye (byonna) n'abigonza kulw'obuyinza bwe. Abange! Kukwe (yekka) Okutonda n'Obufuzi. Yatukula, Nannyini mikisa Allah, Omulezi w'ebitonde.

AMANNYA GA ALLAH AMALUNGI N'AMATENDO GE AMAJJUVU

Mu kukkiriza Allah ﷻ era, mwe muli okukkiriza amannya ga Allah ﷻ amalungi n'amatendo ge aga waggulu nga bwe gajja mu kitabo Kye eky'ekitiibwa ne mu bigambo by'Omubakawe omwesigwa (Muhammad ﷺ)[1] nga tetuvvuunula makulu gaabyo kifuulannenge, wadde okubimenyawo, wadde okwebuuza enkola, wadde okufaanaganya.[2] Kikakata ku muddu okunyweza ku Allah ﷻ (amannya ge amalungi n'amatendo ge agaawaggulu, amajjuvu) nga bwe gajja (mu Qur'aan ne mu Sunnah z'Omubaka

---

1 Mu bintu ebikulu Omusiraamu by'ateekeddwa okumanya n'okutegeera obulungi, ye Tauhiid wa Asmaa'e w'Asswifaat. Ekikolo kya Tauhiid ono, kwe kukkiriza nti Ow'ekitiibwa Allah alina amannya amalungi n'amatendo amajjuvu. Amannya gano n'amatendo tugakkiriza nga Allah ﷻ bwe yagatubuulira mu Qur'aan ey'ekitiibwa ne mu bigambo by'Omubaka Muhammad ﷺ.

2 Sheikh – Allah amusaasire, atulaze ebintu bina: Obutakyusa makulu agokungulu, obutamenyawo, obutabuuza nkola, n'okufaanaganya. Ky'ategeeza mu butakyusa makulu, nti tukkiriza ekitendo Allah kye yeenywezaako mu makulu g'ekitendo ekyo agamanyiddwa. Eky'okulabirako: Allah bw'atutegeeza nti alaba, tetukkirizibwa kukyusa makulu ga kulaba gamanyiddwa ne tugamba, eky'okulabirako nti yali tategeeza kulaba kwennyini wabula yali ategeeza kumanya. Akyogera ateekeddwa okulaga Obujulizi obukyusa amakulu g'okulaba Allah ge yeekakasaako okugazza ku makulu g'okumanya. N'olwekyo, tukkiriza nti Allah alaba nga bwe yeetenda kyokka nga tukkiriza era nti okulaba kwe tekufaanana na kulaba kwa kitonde kyonna ng'obujulizi Sheikh bw'aleese.

Ate obutamenyawo, ategeeza nti tetukkirizibwa kugaana kitendo kyonna Allah ﷻ kye yeetenda nakyo nga tulowooza nti bwe tukimunywezaako tuba tumufaananyizza n'ebitonde bye. Wabula tumunywezaako ekitendo ekyo ate nga bwe tukinywezaawo nti Allah ﷻ tafaanana kitonde kyonna mu mbeera zonna.

we Muhammad ﷺ) wamu n'okukkiriza amakulu ag'amaanyi agali mu bitendo ebyo - mu ngeri emweyawulidde,[1] etuukagana n'ekitiibwa Kye – anti ebitendo ebyo bye bitulaga ekyo Allah ﷻ kyali. Yagamba Omulungi Allah nti:

﴿ لَيْسَ كَمِثْلِهِۦ شَىْءٌ ۖ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلْبَصِيرُ ﴿١١﴾ ﴾ الشورى

Tewali kimufaanana kyonna, sso nga Muwulizi nnyo, Alaba nnyo.

N'agamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ فَلَا تَضْرِبُوا۟ لِلَّهِ ٱلْأَمْثَالَ ۚ إِنَّ ٱللَّهَ يَعْلَمُ وَأَنتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٧٤﴾ ﴾ النحل

Kale temukubira ku Allah ebifaananyi (nga mumufaanaganya n'ebintu ebirala), Mazima Allah amanyi ate mmwe temumanyi

1 Mu migaso n'obukulu bwa Tauhiid ono, kwe kutegeera Omutonzi waffe gwe tusinza y'ani. Bw'otegeera ebitendo bya Allah, n'omanya nti Allah Ye Mutonzi, Wa maanyi, Mugulumivu, Alaba buli kimu, Awulira buli kimu, Amanyi buli kumu, Mukenkufu mu buli kimu, Ayogera, Talina ntandikwa wadde enkomerero, Mukasi, Musaasizi nnyo ate nga Muyitirivu mu kubonereza, Mukwatampola, Musonyiyi, Mulungi, Akola ky'ayagadde n'ebitendo ebirala ebijjuvu, kikuwa okutegeera gw'osinza n'okumutya ennyo n'okwekuuma obutagwa mu bibonerezo bye ate n'okusuubira Okusaasira kwe n'okusonnyiwa kwe wamu n'okumwagala ennyo. Bw'otyo n'owangaalira wakati w'okutya n'okusuubira ng'Omukkiriza yenna bw'ateekeddwa okuba.

Eyo nno y'enzikiriza ya Ahalu Sunna wal Jamaa'[1] okuviira ddala ku ba Sswahaaba b'Omubaka Muhammad ﷺ n'abo bonna abagoberera enkola yaabwe رضي الله عنهم. Era y'enzikiriza omumanyi Ow'ekitiibwa Abul Hassan al[2] Ash'aree – Allah amusaasire, gye yawandiika mu kitabo kye ekiyitibwa ***"Al maqaalaat 'an Aswhaabil Hadiith wa Ahlu Sunnah"***. N'abamanyi abalala bangi abatali ye abaatutuusaako enzikiriza eyo (nga bwe yasomesebwa Omubaka Muhammad ﷺ)

Yagamba Omumanyi Ow'ekitiibwa ayitibwa Awzaa'e – Allah عز وجل amusaasire, nti: Omumanyi ayitibwa Ibn Shihaab Azzuhurie n'omumanyi ayitibwa Makhuul – Allah abasaasire baabuuzibwa

1 Ahlu Sunnah wal Jamaa' beebo abeekwata ku nzikiriza n'enkola y'Omubaka Muhammad ﷺ neba Sswahaaba be ne bagyenywerezaako ddala, ne beewala shirik ne bid'at (okuzuula mu ddiini). Ssi ng'abeeyita ba Ahlu Sunna wal Jamaa' ate nga ku shirik ne bid'at n'okugoberera okwagala kw'emitima gyabwe kwe bawangaalira.

2 Olw'okuba Ow'ekitiibwa Allah n'Omubaka we Muhammad ﷺ baatukubiriza okwekwata ku bigambo by'abamanyi abo abamanyiddwa ku kwekwata ku Qur'aan ey'ekitiibwa n'enjigiriza y'Omubaka Muhammad ﷺ era nga be basika ba Nabbi, Sheikh ky'avudde akuleetera ebigambo by'abamanyi abo bonna wammanga osobole okutegeerera ddala nti enzikiriza eno tekoma kuba na bujulizi mu Qur'aan ne mu Sunnah nga Sheikh bw'akuwaddeko obutono ku bwo wabula era y'entegeera y'abamanyi b'Abasiraamu abeebitiibwa okuviira ddala ku ba sswahaaba okutuuka ku bamanyi b'omulembe guno – Tusaba Allah abasiime bonna.

Abamanyi abo bonna b'akuleeteddeko ba mu byasa ebisatu ebyasooka Nabbi bye yayogerako nti bye byasa ebisingira ddala okuba ebirungi – mu kutya Allah ﷻ n'okukolera ku njigiriza y'Omubaka Muhammad ﷺ ku kumanya – nga Hadiith eri mu maaso bw'onaagiraba. Ekyasa ky'abo abaalaba ku Nabbi (Sswahaaba) n'ekyasa ky'abo abaalaba ku baalaba Nabbi (Taabi'een) n'ekyasa ky'abo abaalaba ku baalaba ku baalaba Nabbi (Taabi'e Taabi'een)

ku Ayaat za Qur'aan ezikwatagana ku matendo ga Allah ﷻ ne bagamba nti, "Mugaleke nga bwe gajja".

N'agamba omumanyi ayitibwa Waliid bun Muslim – Allah amusaasire, nti: Imaam Maalik ne Auzaa'e ne Llaith bun Sa'ad ne Sufyaan Athaurie – Allah abasaasire, baabuuzibwa ku bikwatagana ku matendo ga Allah, ne bagamba bonna nti: "Mugaleke nga bwe gajja nga temunonooza nkola".[1]
N'agamba Auzaa'e nti: Ffe ne ba Taabi'uun (abaalaba ku ba Sswahaaba) twagambanga nti: "Mazima Allah ﷿ Ow'ekitiibwa ali ku Arshi Ye era nga tukkiriza amatendo ga Allah ﷿ ng'Omubaka ﷺ bwe yagasomesa".

Bwe yabuuzibwa Sheikh wa Imaam Maalik ayitibwa Rabii'at Ibn Abi Abdi-Rrahmaan – Allah abasaasire bombiriri ku bikwatagana ne Istwaa' (engeri Allah ﷾ gye yatebenkeramu ku Namulondo ye ey'ekitiibwa) yagamba nti:

الإستواء غ هول والكيف غ معقول ومن ا الرسالة وعلى الرسول البلاغ ا ﺒ وعلينا التصديق

Kye bayita 'okutebenkera' kimanyiddwa bulungi, ate engeri Allah gye yatebenkeramu teyajitumanyisa so ng'obubaka bwava wuwe, nga n'omulimo gw'Omubaka kubututuusaako, nga n'ekitukakatako kubukkiriza

1 Ekigambo: "Mugaleke nga bwe gajja nga temunonooza nkola", Abamanyi bategeeza nti, ebitendo bya Allah tumutenda nabyo nga bwe yeetenda nabyo nga twewala okugwa mw'ebyo bye tulabye waggulu. Ate obutanonooza nkola, bwe buteebuuza nkola ya bitendo bya Allah eby'ebikolwa ng'okwogera, okukka – Omubaka ﷺ kwe yatutegeeza nti Allah ﷻ akka ku ggulu eryo kunsi mu kitundu ky'ekiro ekisembayo, n'ebitendo eby'ebikolwa ebirala. Wabula tukkiriza nti ebikolwa ebyo n'ebirala birina enkola naye Allah n'Omubaka we tebaagitubuulira n'olwekyo tujikkiriza naye tetujinonooza kubanga tetukkirizibwa kwogera ku Allah ﷻ kintu kyonna nga tetukirinaako kumanya.

Ate bwe yabuuzibwa Imaam Maalik –Allah amusaasire, era ku Istwaa' yagamba nti:

الإستواء معلوم والكيف هول والإ ان به واجب والسؤال عنه بدعة

Kye bayita 'okutebenkera' kimanyiddwa bulungi, ate engeri Allah gye yatebenkeramu teyajitumanyisa, n'okukkiriza (nti Allah yatebenkera ku Al Arshi ye) kya tteeka, n'okubuuza engeri Allah gye yatebenkeramu kiri bid'at (kizuule mu ddiini – tekikkirizibwa)

Oluvannyuma lw'okwanukula ekibuuzo ekyo, yagamba oyo eyali akibuuzizza nti: Nkulaba oli musajja mwonoonefu. N'alagira ajjibwe mu bayizi be era n'ajjibwamu.

Ne mukyala w'Omubaka Muhammad ﷺ, Maama w'Abakkiriza ayitibwa Umm Ssalamat, yayogera ebigambo ebifaanana ng'ebyo bye tulabye waggulu. N'omumanyi ayitibwa Abu Abdirrahmaan Abdullaahi Ibn al Mubaaraka – Allah amusaasire, yagamba nti:

نعرف ربنا سبحانه بأنه فوق واته على عرشه بائن من خلقه

Tumanyi nti Omulezi waffe Ow'ekitiibwa Allah ali waggulu w'amagulu omusanvu ku Namulondo ye (al Arshi) nga yeesudde ku bitonde bye.[1]

1 Ekyo nno kikolo kikulu nnyo mu nzikiriza y'Obusiraamu; Okumanya n'okukakasa nti Allah ali waggulu w'amagulu omusanvu, yeeyawudde ku bitonde bye, era tewali kitonde kyonna kiri waggulu we. Olw'okuwangaalira mu ggwanga erijjuddemu abakaafiiri abagamba nti "Katonda ali mu buli kifo kyonna", osanga waliwo n'Abasiraamu abayinza okulowooza nti ekigambo ekyogerwa abakaafiiri abo kituufu so nga kigambo kikyamu nnyo era nzikiriza ya kikaafiiri.

Ebigambo by'abamanyi ku nsonga eno bingi nnyo ssi kyangu kubireeta byonna mu kitabo ekifunda nga kino. Ayagala okwongera okugaziwa ku nsonga eno, asome ebitabo ebyawandiikibwa abamanyi ba Sunnah ku bikwatagana n'ensonga eno – ng'ekitabo ekiyitibwa 'As-Sunnah' ekyawandiikibwa Abdullaahi mutabani wa Imaam Ahmad, n'ekitabo ekiyitibwa 'Attawuhiid' ekyawandiikibwa omumanyi omukenkufu ayitibwa Muhammad Ibn Khuzaimat, n'ekitabo ekiyitibwa 'As -Sunnah' ekyawandiikibwa Abu Bakar Ibn Abii 'Aaswim, n'okwanukula kwa Sheikhul Islam Ibn Taymiyyat ng'ayanukula abantu ba Hamaa.[1] Yabaanukula mu nnyanukula empitirivu obulungi n'emigaso mwe yalagira enzikiriza ya Ahlu Sunnah wal Jamaa' era mwe yaleetera ebigambo by'abamanyi ebiyitirivu ku nzikiriza eyo n'obujulizi obuyitirivu okuva mu Qur'aan ey'ekitiibwa ne mu Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ era n'aleeta n'obujulizi obw'obwongo obulaga obutuufu bw'enzikiriza eyo n'obukyamu bw'ezo ezikontana nayo. N'ekitabo kye ekiyitibwa Attadmuriyyah mwe yagaziyiza enzikiriza eyo n'okwanukula abo abajirwanyisa mu nyanukula

---

Kino nno tekigaana kuba nti Allah ali wamu n'ebitonde bye byonna mu mbeera nti amanyi bulungi embeera z'ebitonde bye byonna ezokungulu n'ezomunda, awulira buli ddoboozi eriva mu bitonde ebyo, abiraba bulungi, abigabirira, era y'akyusakyusa embeera zaabyo byonna mu bujjuvu – kyokka tekitegeeza nti ali nabyo ng'omuntu bw'abeera ne muntu munne. Wabula obulabirizi obwo obujjuvu bwonna abukola mu bitonde bye ng'ali ku Namulondo ye ey'ekitiibwa eyitibwa Al Arshi nga bwe yagamba nti:

﴿ٱلرَّحۡمَٰنُ عَلَى ٱلۡعَرۡشِ ٱسۡتَوَىٰ ۝٥﴾ طه

Omusaasizi ennyo eyatereera ku Al-Arshi (Namulondo Ye ey'ekitiibwa)

1 Ekitabo kya Sheikhul Islam Ibn Taymiyyah – Allah amusaasire, sheikh ky'ayogerako kiyitibwa: 'Aqeedatul Hamawiyyah'.

esaanyawo obulimba n'eyolesa amazima eri oyo omwesimbu mu kuganoonya n'ekigendererwa ekirungi.

Buli yenna ayawukana ku nzikiriza ya Ahlu Sunnah ayagala oba tayagala, ateekeddwa okukontana n'obujulizi bwa Qur'aan ey'ekitiibwa ne Hadiith z'Omubaka ﷺ n'obujulizi obw'obwongo era ateekeddwa okwekoonaganya yekka mu ebyo by'amenyawo ne by'ayimirizaawo.

Ab'enzikiriza ya Ahlu Sunnah wal Jamaa' banyweza ku Allah ﷻ ebyo bye yeenywezaako n'ebyamunywezebwako Omubaka we Muhammad ﷺ mu Hadiith entuufu – mu mannya ge amalungi n'amatendo ge amajjuvu. Babimunywezaako mu nyweza ewakanya okufaanaganya Allah ﷻ n'ebitonde bye mu mpakanya etamenyawo kitendo kya Allah ﷻ wadde erinnya lye. Mu kukola batyo, baawona okwekoonagana bwe baakolera ku bujulizi bwonna.

Bw'atyo nno Allah ﷻ bw'ayisa omuntu eyeekwata ku mazima ago ge yatuma nago Omubaka we Muhammad ﷺ n'oyo aganoonya kulwa Allah ﷻ, anti amwanguyiza okugatuukako n'amusukkulumya era n'amwolesa kw'abo abagakyawa nga bwe yagamba nti:

﴿ بَلۡ نَقۡذِفُ بِٱلۡحَقِّ عَلَى ٱلۡبَٰطِلِ فَيَدۡمَغُهُۥ فَإِذَا هُوَ زَاهِقٞۚ وَلَكُمُ ٱلۡوَيۡلُ مِمَّا تَصِفُونَ ﴿١٨﴾ ﴾ الأنبياء

Wabula tukasukira obulimba amazima ne gabuggyawo, ogenda okulaba nga buweddewo. Era mulina ebibonerezo ebiruma olw'ebyo bye mwogera (ku Allah eby'obulimba)

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ وَلَا يَأۡتُونَكَ بِمَثَلٍ إِلَّا جِئۡنَٰكَ بِٱلۡحَقِّ وَأَحۡسَنَ تَفۡسِيرًا ﴿٣٣﴾ ﴾ الفرقان

Era tebayinza kukuleetera kya kulabirako (okulaga nti Qur'aan ssi Kitabo kituufu nti naawe toli Mubaka wa Allah) okuggyako nga tukussaako amazima (agakyanukula) n'okunnyonnyola okusingira ddala okuba okulungi

Yagamba Al-Haafidh Ibn Kathiir[1] – Allah amusaasire, mu tafsiir ye emmanyifu nti ng'annyonnyola amakulu g'ekigambo kya Allah Ow'ekitiibwa ekigamba nti:

﴿إِنَّ رَبَّكُمُ ٱللَّهُ ٱلَّذِى خَلَقَ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضَ فِى سِتَّةِ أَيَّامٖ
ثُمَّ ٱسۡتَوَىٰ عَلَى ٱلۡعَرۡشِ ﴿٥٤﴾﴾ الأعراف

Mazima Omulezi wammwe ye Allah oyo eyatonda eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga, oluvanyuma n'atereera kual-Arsh (Namulondo ye ey'ekitiibwa).

Ibn Kathiir ng'annyonnyola Ayat eyo, yayogera ebigambo ebirungi ebyetaagisa okuleeta mu kifo kino olw'obuyitirivu bw'emigaso egibirimu. Yagamba – Allah amusaasire nti:
Abantu baayogera ebigambo bingi ku nsonga eno (ekwatagana ku Istwaa' – okutebenkera kwa Allah ﷻ ku Namulondo ye ey'ekitiibwa) kino ssi kye kifo ky'okuleeteramu ebigambo ebyo. Wabula, mu kifo kino, katukwate ekkubo eryakwatibwa abalongoofu abaatukulembera nga Imaam Maalik ne Auzaa'e ne Sufyaan Athaurie ne Llaith Ibn Sa'ad ne Imaam Shaafi'e ne Imaam Ahmad ne Ishaaq Ibn Raahwaih n'abalala bangi mu bamanyi b'Abasiraamu ab'edda n'abomulembe guno. Bonna bagamba nti: (Amannya ga Allah n'ebitendo bye) birekebwa nga bwe byajja (mu Qur'aan ne mu Sunnah), nga tewali kwebuuza

1 Ye Al-Haafidh Abul Fidaa' Ismaa'eel Ibn al Khatwib Ibn Umar Ibn Kathiir As-Shaafi'e – Allah amusaasire. Ye nannyini tafsiir eyitibwa: Tafsiiril Qur'aan Al Adhwiim (okuvvuunula Qur'aan ey'amaanyi) emanyidda ennyo nga: Tafsiiri Ibn Kathiir. Tafsiir eyo y'ekyasingidde ddala okuba ey'ekitiibwa eri abamanyi n'Abasiraamu bonna okutwalira awamu.

nkola yaabyo wadde okufaanaganya Allah ﷻ n'ebitonde bye wadde okumenyawo ebitendo Allah ﷻ bye yeenywezaako. Ebyo byonna ebijja mu bwongo bw'abo abafaanaganya Allah ﷻ n'ebitonde bye (n'ebifaananyi obwongo bwabwe bye bukuba Allah), Allah ﷻ tabiri kubanga mazima Allah tafaanana kintu kyonna mu bitonde bye (nga bwe yagamba nti:)

﴿لَيْسَ كَمِثْلِهِۦ شَىْءٌ ۖ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلْبَصِيرُ ۝١١﴾ الشورى

Tewali kimufaanana kyonna, sso nga Muwulizi nnyo, Alaba nnyo.

Wabula ekirina okukolebwa ky'ekyo abamanyi kye baagamba, omu ku bamanyi abo ye Nu'aim Ibn Hammaad Al Khuzaa'ee – omusomesa wa Imaam Bukhaarie[1] – Allah amusaasire, yagamba nti:

من شبه ا لمقه كفر ومن جحد ما وصف ا به نفسه فقد كفر وليس فيما وصف ا به نفسه ولا رسوله تشبيه فمن أثبت تعا ما وردت به الآيات الصر ة والأخبار الصحيحة على الوجه الذي يليق لال ا ونفى عن ا تعا النقائص فقد سلك سبيل ا دى

Oyo yenna afaanaganya Allah n'ebitonde Bye akaafuwala, n'omuntu awakanya ekyo Allah kyeyeetenda nakyo aba akaafuwadde, ate ebitendo Allah bye yeetenda nabyo oba ebyamutendebwa nabyo Omubaka We Muhammad

---

1 Imaam Bukharie ye Muhammad Ibn Ismaa'eel Ibn Mughiirah al Bukhaarie – Allah amusaasire. Ye yakungaanya ekitabo kya Hadiith z'Omubaka Muhammad ezisingira ddala okuba entuufu. Abasiraamu beegatta ku kuba nti ekitabo ekyo kye kisinga ebitabo byonna mu Busiraamu ekitiibwa oluvannyuma lwa Qur'aan eyeekitiibwa. Kiyitibwa: Swahiihul Bukhaarie.

tebitegeeza nti Allah afaanagana n'ebitonde Bye.[1] N'olwekyo omuntu anyweza ku Allah ebitendo Bye nga bwe byajja mu Ayaat entongole ne Hadiith entuufu mu mbeera emweyawulidde era etuukana n'ekitiibwa Kye n'ajja ku Allah obukendeevu bwonna, aba akutte ekkubo ly'obulungamu.

OKUKKIRIZA BA MALAIKA

Empagi y'Obukkiriza eyookubiri, kwe kukkiriza ba Malaika ba Allah ﷻ. Tukkiriza ba Malaika mu ngeri bbiri: Tubakkiriza mu nzikiriza ey'awamu ey'enduli ne mu nzikiriza ey'enjawulo. Mu nzikiriza ey'enduli, Omusiraamu ateekeddwa okukkiriza nti Allah ﷻ alina ba ba Malaika. Yabatonda bonna lwa kumugondera era yabatenda nti baddu abaasitulwa mu madaala, ab'ebitiibwa. Tebakulembera Allah ﷻ mu kigambo kyonna ate nga ku biragiro bye kwe bakolera. Yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يَشْفَعُونَ إِلَّا لِمَنِ ارْتَضَىٰ وَهُم مِّنْ خَشْيَتِهِ مُشْفِقُونَ ﴿٢٨﴾ ﴾ الأنبياء

1 Eky'okulabirako ye Hadiith y'Omubaka Muhammad ﷺ empanvu eva ku Sswahaaba ayitibwa Adiyy Ibn Haatim eri mu Muslim; Mu Hadiith eyo, Omubaka yatukakasa nti Allah ayogera era n'atukakasa nti tewali muntu yenna okuggyako nga Allah ajja kwogera naye ku lunaku lw'enkomerero nga tewali wakati w'omuddu oyo ne Allah muvvuunuzi. Sheikh ky'ategeeza waggulu kiri nti, Omubaka bw'aba yanyweza ku Allah ekitendo ky'okwogera, tekitegeeza nti aba yamufaananya n'ebitonde bye, wabula aba yanyweza ku Allah okwogera okutuukagana n'ekitiibwa kye nga tekufaanana na kwa kitonde kyonna era okutamanyiddwa ngeri yaakwo. Abaddu balimanya okwogera okwo nga Allah ayogera nabo wabula kati ekitukakatako kukkiriza nti Allah ayogera nti n'okwogera kwe tekufaanana na kwa kitonde kyonna era nti n'enjogera ye tetujimanyi ne tuwona okwogera ku Allah Omugulumivu bye tutalinaako kumanya.

Amanyi ebyo ebibali mu maaso gaabwe (ba Malaika) n'ebyo ebiri emabega waabwe era tebaliwolereza (muntu yenna) okuggyako oyo Allah gw'aliba asiimye. Era nabo bajugumira olw'okumutya.

Ba Malaika balimu ebika bingi; mulimu Allah ﷾ be yakwasa omulimo gw'okusitula Namulondo ye ey'ekitiibwa. Mubo mulimu abakuumi b'Ejjana n'Omuliro, mubo mulimu (abawandiika) n'okukuuma emirimo gy'abaddu.

Ate mu nzikiriza ey'enjawulo, tukkiriza Malaika yenna Allah ﷾ oba Omubaka We ﷺ gwe baatubuulira erinnya – nga Jibriil ﵇ ne Miika'eel ﵇ ne Maalik omukuumi w'omuliro ﵇ ne Israafiil ﵇ avunaanyizibwa ku kufuuwa mu ngombe ku lunaku lw'enkomerero – nga bwe yagamba Omubaka Muhammad ﷺ mu Hadiith entuufu etunyumizibwa mukyala we Aishat ɡ nti:

خلقت ا لائكة من نور وخلق ا ان من مارج من نار وخلق آدم ا وصف لكم
(أخرجه مسلم صحيحه)

Malaika zaatondebwa mu kitangaala, ate amajinni ne gatondebwa mu nnimi z'omuliro ogutaliimu mukka, ate Adam n'atondebwa mu ekyo ekyabatenderwa.[1]

1 Nabbi Adam ﵇ yatondebwa mu ttaka.

OKUKKIRIZA EBITABO BYA ALLAH سبحانه وتعالى

Kya tteeka okukkiriza mu nzikiriza ey'awamu nti Allah Ow'ekitiibwa yassa ku ba Nabbi be n'Ababaka be ebitabo olw'okunnyonnyola n'okukoowoola abantu okubazza eri ekyo ekibakakatako eri Omutonzi waabwe ﷻ nga bwe yagamba nti:

﴿لَقَدۡ أَرۡسَلۡنَا رُسُلَنَا بِٱلۡبَيِّنَٰتِ وَأَنزَلۡنَا مَعَهُمُ ٱلۡكِتَٰبَ وَٱلۡمِيزَانَ لِيَقُومَ ٱلنَّاسُ
بِٱلۡقِسۡطِۖ ٢٥﴾ الحديد

Mazima twatuma Ababaka baffe n'obubonero obw'ebyamagero ebyeyolefu. Ne tubassizaako n'ekitabo wamu n'ebipimo eby'obwenkanya abantu basobole okuyimirizaawo obwenkanya.

N'agamba Allah سبحانه وتعالى:

﴿كَانَ ٱلنَّاسُ أُمَّةٗ وَٰحِدَةٗ فَبَعَثَ ٱللَّهُ ٱلنَّبِيِّـۧنَ مُبَشِّرِينَ وَمُنذِرِينَ وَأَنزَلَ مَعَهُمُ ٱلۡكِتَٰبَ
بِٱلۡحَقِّ لِيَحۡكُمَ بَيۡنَ ٱلنَّاسِ فِيمَا ٱخۡتَلَفُواْ فِيهِۚ ٢١٣﴾ البقرة

Abantu bonna baali kibiina kimu (nga bali ku ddiini emu ey'amazima eyaleetebwa Nabbi Adam عليه السلام - oluvannyuma ne baawukana). Allah n'atuma ba Nabbi nga basanyusa era nga batiisa era n'abassizaako n'ebitabo balamule wakati w'abantu mw'ebyo bye baba baawukanyemu.

Mu ngeri y'emu, tukkiriza mu ngeri ey'enjawulo ebitabo ebyo Allah سبحانه وتعالى bye yayogera amannya gaabyo nga Tauraat, Injiil, Zabbuur ne Qur'aan. Qur'aan ey'ekitiibwa y'esinga ebitabo ebyo byonna ekitiibwa era nga kye kitabo ekyakomekkereza ebitabo byonna (tewali kitabo Allah kyagenda kussa oluvannyuma lwa Qur'aan). Qur'aan ekuuma era n'ejulira era n'ekakasa ebyo byonna ebyali mu bitabo ebyakulembera era ky'ekitabo kyokka ekikakata ku bantu bonna mu nsi okugoberera kubanga

Ow'ekitiibwa Allah yatuma Omubaka we Muhammad ﷺ eri abantu bonna n'amajinni, n'amussaako ekitabo Qur'aan alamuze nakyo wakati w'abantu era n'alifuula eddagala eriwonya endwadde zonna ez'omutima era nga kinnyonnyola buli nsonga yonna era nga bulungamu n'okusaasira eri Abakkiriza. Yagamba Omulungi Allah nti:

﴿وَهَٰذَا كِتَٰبٌ أَنزَلۡنَٰهُ مُبَارَكٞ فَٱتَّبِعُوهُ وَٱتَّقُواْ لَعَلَّكُمۡ تُرۡحَمُونَ ١٥٥﴾ الأنعام

Na kino ekitabo (Qur'aan) twakissa nga kya mukisa, n'olwekyo mukigoberere era mutye Allah musobole okusaasirwa.

N'agamba Allah عز وجل nti:

﴿وَنَزَّلۡنَا عَلَيۡكَ ٱلۡكِتَٰبَ تِبۡيَٰنٗا لِّكُلِّ شَيۡءٖ وَهُدٗى وَرَحۡمَةٗ وَبُشۡرَىٰ لِلۡمُسۡلِمِينَ ٨٩﴾ النحل

Era twakussaako Ekitabo nga kinnyonnyola buli nsonga era nga bulungamu na kusaasira era nga mawulire ga ssanyu eri Abasiraamu.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿قُلۡ يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ إِنِّي رَسُولُ ٱللَّهِ إِلَيۡكُمۡ جَمِيعًا ٱلَّذِي لَهُۥ مُلۡكُ ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَٱلۡأَرۡضِۖ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَ يُحۡيِۦ وَيُمِيتُۖ فَـَٔامِنُواْ بِٱللَّهِ وَرَسُولِهِ ٱلنَّبِيِّ ٱلۡأُمِّيِّ ٱلَّذِي يُؤۡمِنُ بِٱللَّهِ وَكَلِمَٰتِهِۦ وَٱتَّبِعُوهُ لَعَلَّكُمۡ تَهۡتَدُونَ ١٥٨﴾ الأعراف

Bagambe nti: Abange mmwe abantu! Mazima ddala nze ndi Mubaka wa Allah atumiddwa eri mmwe mwenna. (Allah) oyo nannyini bufuzi bw'eggulu n'ensi. Tewali kisinzibwa mu butuufu okuggyako Ye. Awa obulamu era y'atta. N'olw'ekyo mukkirize Allah n'omubaka We – Nabbi ataasoma oyo akkiriza Allah n'ebigambo bye era mumugoberere musobole okulungama.

OKUKKIRIZA ABABAKA BA ALLAH ﷿

Empagi y'obukkiriza eyookuna, kwe kukkiriza Ababaka ba Allah ﷾. Kya tteeka okukkiriza Ababaka ba Allah ﷿ mu ngeri ey'awamu ne mu ngeri ey'enjawulo. Tukkiriza nti Allah ﷾ yatuma eri abaddu be Ababaka nga bava mu bo nga bawa amawulire ag'essanyu (eri abo abakkiriza Allah ne bakola emirimo emirungi ne beewala ebyo Allah bye yaziyiza), era nga balabuzi abatiisa (eri abo abatakkiriza Allah n'abagaana okukola emirimo emirungi n'okuleka Allah bye yaziyiza) era nga bakoowooze abazza eri amazima. Oyo yenna ayanukula okukoowoola kwabwe aba awonye. Ate agaana okubaanukula n'abaawukanako aba wa kuweebuuka n'okwejjusa.

Ow'enkomerero era nga y'abasinga bonna ekitiibwa ye Mubaka waffe Muhammad mutabani wa Abdallah ﷺ. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ وَلَقَدۡ بَعَثۡنَا فِي كُلِّ أُمَّةٖ رَّسُولًا أَنِ ٱعۡبُدُواْ ٱللَّهَ وَٱجۡتَنِبُواْ ٱلطَّٰغُوتَۖ ﴿٣٦﴾ ﴾
النحل

Era Mazima twatumanga mu buli kibiina Omubaka (abalagire nti:) Musinze Allah yekka, mwewale (okusinza) ebitagwanidde kusinzibwa.

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ رُّسُلٗا مُّبَشِّرِينَ وَمُنذِرِينَ لِئَلَّا يَكُونَ لِلنَّاسِ عَلَى ٱللَّهِ حُجَّةُۢ بَعۡدَ ٱلرُّسُلِۚ ﴿١٦٥﴾ ﴾
النساء

Ababaka (abaatumwa) n'amawulire amalungi era nga balabuzi; Abantu baleme okuba n'ekyekwaso kyonna eri Allah oluvannyuma (lw'okubatumira) Ababaka

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿ مَّا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَآ أَحَدٍ مِّن رِّجَالِكُمْ وَلَٰكِن رَّسُولَ ٱللَّهِ وَخَاتَمَ ٱلنَّبِيِّـۧنَ ۗ ﴿٤٠﴾ ﴾
الأحزاب

Nabbi Muhammad tabangako taata w'omu ku basajja mummwe wabula Mubaka wa Allah era ye w'enkomerero mu ba Nabbi

Era tukkiriza mu ngeri ey'enjawulo buli Nabbi yenna Allah ﷻ gwe yatubuulira oba eyatubuulirwa Omubaka wa Allah Muhammad ﷺ. Nga Nabbi Nuuhu عليه السلام ne Huudu عليه السلام ne Swaalih عليه السلام ne Ibrahiim عليه السلام n'abalala. Tusaba Allah ﷻ asse okusaasira n'emirembe ku Nabbi waffe Muhammad ﷻ.

OKUKKIRIZA OLUNAKU LW'ENKOMERERO

Empagi y'Obukkiriza eyookutaano, kwe kukkiriza olunaku lw'enkomerero. Okukkiriza olunaku lw'enkomerero kizingiramu okukkiriza byonna Allah Ow'ekitiibwa bye yatubuulira n'Omubaka we ﷺ mu ebyo ebibaawo oluvannyuma lw'okufa kw'omuntu – ng'ebigezo byomuntaana (okubuuzibwa kwa ba Malaika ababiri abajjira omuntu amangu ddala nga yaakaziikibwa), n'ebibonerezo byomuntaana (eri abakaafiiri n'aboonoonefu) n'ebyengera byomuntaana (eri Abakkiriza) n'okukkiriza ebyo byonna ebiribaawo ku lunaku lw'enkomerero – mu mbeera enzibu ennyo ey'entiisa eribaawo, n'okuyita ku lutindo oluyitibwa Siraatwa, n'okupimwa kw'emirimo gy'abaddu bonna, n'okubalibwa buli kyonna omuntu kye yakola, n'okusasulwa empeera ejja mu mirimo omuddu gye yakola, n'okugaba ebitabo ebirimu emirimo omuddu gye yakola; waliwo alikwasibwa ekitabo kye mu mukono gwe ogwa ddyo ate waliwo

alikiweebwa mu gwa kkono ate waliwo alikiweebwa emabega we.

Tukkiriza era oluzzi olw'ekitiibwa Allah lwe yategekera Omubaka we Muhammad ﷺ (n'abo abaamukkiriza ne bamugoberera) oluyitibwa Al khaudh.[1] Tukkiriza okubaayo kw'ejjana n'omuliro n'okuba nti Abakkiriza bajja kulaba Omutonzi waabwe Allah era ajja kwogera nabo. N'ebintu ebirala bingi ebyajja mu Qur'aan ey'ekitiibwa ne Hadiith entuufu omuddu by'ateekeddwa okukkiriza mu ngeri gye byannyonnyolwamu Allah ﷻ n'Omubaka we ﷺ.

OKUKKIRIZA OKUGERA KWA ALLAH ﷻ

Empagi y'Obukkiriza ey'omukaaga, kwe kukkiriza okugera kwa Allah ﷻ. Okukkiriza okugera kwa Allah ﷻ kuyimirirawo na kukkiriza ebintu bina:

Ekisooka: Okukkiriza nti Allah ﷻ amanyi ebyaliwo n'ebiriwo n'ebiribaawo. Yamanya era amanyi embeera z'abaddu be bonna.

1 Abantu bonna baliyimirira mu bbaliro, ng'enjuba essiddwa eri kumpi nnyo nabo, ng'ennyonta ebali bubi, nga bali mu kulaajana, bw'atyo Ow'ekitiibwa Allah aliragira Omubaka atwale Abakkiriza bonna ku luzzi (sheikh lw'ayogeddeko waggulu) Allah lwe yamutegekera n'Abakkiriza abaamugoberera. Buli Mukkiriza yenna ajja kunywa ku mazzi gaalwo era aliganywako taliddamu kulumwa nnyonta yonna - okuggyako omuntu yenna eyali ku Duniya ng'akola bid'at (ng'asinza Allah n'emirimo emizuule mu ddiini Allah gy'atalagirangako wadde Omubaka We) ng'abasoma Mawuledi, abasoma Burda, abasoma Tahliil ne talaqain ku bafu, abaaziinira mu ntaana, abazannyira mu sswala ya Taraweeh nga bagiyimbiramu, abasoma Mi'raaj, abakungaana okusoma edduwa z'abafu (okwabya ennyimbe) ne bid'at endala. Abo Nabbi yagamba nti Malaika zijja kubagobaganya obutakomba ku mazzi ago bw'anaayagala okubawolereza abuulirwe nti baali bannabid'at ku nsi. Bw'atyo ne Nabbi abeesambe. Tusaba Allah atutaase okuzuula mu ddiini.

Amanyi riziki yaabwe ne ddi lwe balifa n'emirimo gyabwe n'embeera zaabwe endala zonna - tewali kintu kyonna ky'atamanyi kubo, nga bwe yagamba nti:

﴿إِنَّ ٱللَّهَ بِكُلِّ شَىۡءٍ عَلِيمُۢ ٧٥﴾ الأنفال

Mazima Allah Mumanyi ku buli kintu

N'agamba Allah ﷻ nti:

﴿لِتَعۡلَمُوٓاْ أَنَّ ٱللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَىۡءٖ قَدِيرٞ وَأَنَّ ٱللَّهَ قَدۡ أَحَاطَ بِكُلِّ شَىۡءٍ عِلۡمَۢا ١٢﴾ الطلاق

Musobole okumanya nti: Mazima Allah Ye Mugezi wa buli kintu era nti ddala okumanya kwa Allah kwabuna buli kintu

***Ekyokubiri**:* Okukkiriza nti Allah ﷻ yawandiika buli kyonna kye yagera n'akisalawo – nga bwe yagamba nti:

﴿قَدۡ عَلِمۡنَا مَا تَنقُصُ ٱلۡأَرۡضُ مِنۡهُمۡۖ وَعِندَنَا كِتَٰبٌ حَفِيظُۢ ٤﴾ ق

Tumanyidde ddala bulungi ettaka kye libakendeezaako (nga mufudde) era tulina ekitabo ekikuuma buli nsonga

N'agamba Allah Ow'ekitiibwa nti:

﴿وَكُلَّ شَىۡءٍ أَحۡصَيۡنَٰهُ فِىٓ إِمَامٖ مُّبِينٖ ١٢﴾ يس

Na buli kintu twakimala dda (okukiwandiika) mu Kitabo ekinyonnyofu.

N'agamba owa waggulu Allah nti:

﴿أَلَمۡ تَعۡلَمۡ أَنَّ ٱللَّهَ يَعۡلَمُ مَا فِى ٱلسَّمَآءِ وَٱلۡأَرۡضِۗ إِنَّ ذَٰلِكَ فِى كِتَٰبٍۚ إِنَّ ذَٰلِكَ عَلَى ٱللَّهِ يَسِيرٞ ٧٠﴾ الحج

Abaffe tomanyi nti mazima Allah amanyi ebiri mu ggulu ne mu nsi? Mazima ebyo byonna biri mu Kitabo, Mazima ekyo eri Allah kyangu nnyo

***Ekyokusatu**:* Okukkiriza okwagala kwa Allah ﷻ; ky'ayagadde kibe, kiba. Ky'atayagadde kibe, tekisobola kuba. Yagamba nti:

﴿إِنَّ ٱللَّهَ يَفۡعَلُ مَا يَشَآءُ ۩ ١٨﴾ الحج

Mazima Allah akola ky'ayagadde

N'agamba Omuyinza Allah nti:

﴿إِنَّمَآ أَمۡرُهُۥٓ إِذَآ أَرَادَ شَيۡـًٔا أَن يَقُولَ لَهُۥ كُن فَيَكُونُ ٨٢﴾ يس

Mazima bw'aba alina ky'ayagadde kibe, agamba bugambi nti: Ba, ne kiba.

N'agamba Omusaasizi ennyo nti:

﴿وَمَا تَشَآءُونَ إِلَّآ أَن يَشَآءَ ٱللَّهُ رَبُّ ٱلۡعَٰلَمِينَ ٢٩﴾ التكوير

Temuyinza kwagala (kintu ne kiba) okuggyako ng'ayagadde Allah Omulezi w'ebitonde

***Ekyokuna**:* Ye yatonda byonna ebiriwo (n'ebyali bibaddewo n'ebiribaawo). Tewali Mutonzi atali Ye era nga bwe watali Mulezi wa bitonde atali Ye – nga bwe yagamba nti:

﴿ٱللَّهُ خَٰلِقُ كُلِّ شَيۡءٖۖ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيۡءٖ وَكِيلٞ ٦٢﴾ الزمر

Allah ye Mutonzi wa buli kintu era buli kintu y'akirinako obukuumi.

N'agamba (سبحانه وتعالى) nti:

﴿ يَٰٓأَيُّهَا ٱلنَّاسُ ٱذۡكُرُواْ نِعۡمَتَ ٱللَّهِ عَلَيۡكُمۡۚ هَلۡ مِنۡ خَٰلِقٍ غَيۡرُ ٱللَّهِ يَرۡزُقُكُم مِّنَ ٱلسَّمَآءِ
وَٱلۡأَرۡضِۚ لَآ إِلَٰهَ إِلَّا هُوَۖ فَأَنَّىٰ تُؤۡفَكُونَ ٣ ﴾ فاطر

Abange mmwe abantu! Mujjukire ebyengera bya Allah gye muli. Ddala mulinayo Omutonzi atali Allah abalabirira okuva mu ggulu ne mu nsi? Tewali asinzibwa mu butuufu okuggyako Ye. Kati ate muwugulwa mutya (ne musinza ebirala)?

N'olwekyo okukkiriza okugera kwa Allah ﷻ eri aba Ahlu Sunnah wal Jamaa' kuzingiramu ebintu ebyo ebina obutafaanananako n'abamu ku bannabid'at (abazuuzi mu ddiini) abaagaana okukkiriza ebimu ku byo.

OBUKKIRIZA BULINNYA NE BUKKA
N'omusiraamu Takaafuwazibwa lwa zzambi eritakaafuwaza

Okukkiriza Allah kuzingiramu okukkiriza nti Obukkiriza bigambo na bikolwa, nti era bulinnya olw'okugondera Allah ﷻ era bukendeera olw'okumujeemera.[1]

---

1 Omusiraamu ateekeddwa okumanya n'okukkiriza nti Obukkiriza tebuyimirirawo okuggyako na bintu bisatu: Okukkiriza n'omutima, n'okwogeza olulimi, n'okukola ebikolwa ebinywezaawo ekyo omutima gwe kyakkiriza ne kyogerwa n'olulimi. Kino kitegeeza nti, tekimala n'akatono omuntu okukkiriza nti Obusiraamu ddiini ntuufu singa agaana okwatula ekigambo Laa ilaaha Ill'Allah n'agiyingira mu butongole – ng'abakaafiiri abangi abawulirwa nga bawaana eddiini y'Obusiraamu kyokka ne batagiyingira. Mu ngeri y'emu okwatula ekigambo Laa ilaaha Ill'Allah n'olulimi kyokka ng'omutima tegukikkiriza nakyo tekigasa nannyini kukyatula era asigala mukaafiiri ate nga yeeyongeddeko n'obunnanfuusi – ng'abakyogera olw'omusajja Omusiraamu gw'ayagala okufumbirwa kyokka nga singa omusajja oyo afa ate n'afuna omukaafiiri amuwasa agenda n'oyo era n'afuuka ekyo ky'ali! Era kitwaliramu n'abakyogera ate nga bashiriku nga bwe twabalabye waggulu, n'abannanfuusi mu mitendera gyabwe egy'enjawulo.

Ate ebikolwa, Omusiraamu ateekeddwa okumanya nti oluvannyuma lw'okukkiriza Obusiraamu n'okwatula ekigambo Laa ilaaha Ill'Allah, ateekeddwa okukola ebikolwa ebikinywezaawo. Ateekeddwa okwewala shirik n'okumuvumirira, ateekeddwa okwewala ebintu ebirala byonna ebiggya omuntu mu Busiraamu - ng'okujeeja ekintu kyonna mu ddiini era ateekeddwa okuyimirizaawo esswala alyoke abe Omukkiriza awone obukaafiiri. Ebyo omuntu bw'abikola, takkirizibwa kukaafuwazibwa lwa zzambi lyonna wabula Obukkiriza bwe, bulinnya ne bukka; bulinnya olw'okugondera Allah ne bukka olw'okumujeemera. Omukkiriza gy'akoma okuteeka mu nkola ebiragiro bya Allah ﷻ n'okwewala bye yagaana Obukkiriza bwe gye bukoma okulinnya ate gy'akoma okukola ekyennyume ky'ekyo gye bukoma okukka.

Omusiraamu era ateekeddwa okukkiriza nti tekikkirizibwa kukaafuwaza Musiraamu yenna olw'ekyonoono kyonna kyaba akoze ekiri wansi wa Shirik (okugatta ku Allah ekintu ekirala) n'obukaafiiri.[1] Omusiraamu takaafuwazibwa lwa kwenda wadde

1 Obutafaananako n'enzikiriza endala ezigamba nti ebibi byonna byenkanankana mu maaso ga Allah, bwo Obusiraamu bugamba nti ebyonoono tebyenkana mu maaso ga Allah; Waliwo ebyonoono ebiggya omuntu mu Busiraamu nga shirik, okuwakanya ekintu kyonna mu Busiraamu mu bugenderevu oba okukijerega, okuvuma Allah oba Omubaka We n'ebirala ebimanyiddwa obulungi. Ate waliwo ebyonoono ebinene ennyo era nga n'ebibonerezo byabyo binene nnyo kyokka nga tebiggya abikoze mu Busiraamu okuggyako ng'abikoze agamba nti bikkirizibwa okukolebwa. Ng'okutta omuntu atakkirizibwa kuttibwa mu bugenderevu, ng'okwenda, okubba, okutemerera omuntu ekigambo, okuyisa obubi abazadde, okunywa omwenge, okulayira Allah ng'olimba, okulya riba, okulyazaamaanya, okulya mu kisiibo emisana nga tewali nsonga ekkirizisa n'ebirala. Ate waliwo ebyonoono ebitono era nga n'ebibonerezo byabyo tebyenkana na biri bye tulabye waggulu ate ne wabaawo n'ebyonoono nga bitamwa butamwa ng'abyewaze afuna empeera ate ng'abikoze tafuna musango – ng'okunywa ekintu ng'oyimiridde n'ebirala.

N'olwekyo Omusiraamu ateekeddwa okwewala okukaafuwaza omuntu yenna olw'ekyonoono ekitaggya muntu mu Busiraamu ne bwe kiba kinene nnyo ng'okutta. Abasiraamu bangi bazannyira mu nsonga eno ne balowooza nti ekikolwa kyonna bwe kibanyiiza ennyo akikoze ateekeddwa okuyitibwa omukaafiiri nga tebeefiiriddeeyo kumanya oba ddala ekikolwa ekyo kiri mw'ebyo ebiggya omuntu mu Busiraamu. Bw'awabulwa obutakaafuwaza baganda be Abasiraamu ng'ayambalira oyo amuwabudde ng'amutemerera okuwagira ebikolwa ebibi n'obukendeevu bwa Imaan! Abasiraamu bangi naddala Allah be yasaasira ne beekwata ku ddiini kyokka ng'okumanya kwabwe kutono nnyo, beerabira nnyo nti mu Basiraamu mulimu abalongoofu n'aboonoonefu nga bwe twakirabye nti Obukkiriza bulinnya olw'okugondera Allah ate ne bukka olw'okumujeemera – kyokka tekitegeeza nti Abasiraamu aboonoonefu baba bakaafiiri wabula baba Basiraamu abateekeddwa okwerwanako ne bava ku bwonoonefu bwe balimu kubanga enkomerero y'aboonoonefu teba nnungi. Singa Omusiraamu ayita mugandawe Omusiraamu nti mukaafiiri kyokka nga ssi mukaafiiri, oyo amuyise omukaafiiri y'akaafuwala ng'Omubaka bwe yagamba nti:

olw'okubba wadde olw'okulya riba wadde olw'okunywa ebitamiiza wadde okuyisa obubi abazadde be ababiri - n'ebyonoono ebirala ebinene Obusiraamu bye bwaziyiza - ebbanga ly'amala nga tabikoze nga bw'agamba nti bikkirizibwa okukolebwa. Ku nsonga eno yagamba Allah ﷻ nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِۦ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُ ﴿٤٨﴾ ﴾ النساء

Mazima Allah tasonnyiwa muntu yenna amugattako ekintu kyonna, kyokka asonnyiwa oyo gw'aba ayagadde ekibi ekitatuuka shirik.

Ne Hadiith mpitirivu nnyo eziraga nti Allah ﷻ alijja mu muliro omwonoonyi aliba n'Obukkiriza mu mutima gwe nga butono nnyo okwenkana n'empeke ya Khardal.

ومن قال لأخيه يا كافر فأحدهما كافر

Omuntu yenna bw'agamba mugandawe nti: Mukaafiiri ggwe! Amanye nti omu ku bombiriri mukaafiiri (ayise oba gwe bayise)

N'olwekyo baganda bange ensonga eno ya bulabe nnyo ssi ya kusaagiramu. Efaananira ddala ng'abantu abeemanyizizza ennyo ekigambo: Ensingo ya gundi yengedde! Nga tasoose kumanya oba ddala oyo gw'alamulako okuttibwa Allah n'Omubaka We baamulamulako kuttibwa era nga yeerabidde nti mu bintu ebiggya omuntu mu Busiraamu kwe kuhalalisa ekintu kyonna Allah kye yaharamisa era nga tasoose kwemanya ye yenkana wa afulumya fatuwa ennene bw'etyo ku Musiraamu. Eky'ennaku ate nga kyewuunyisa, singa omuntu oyo afulumya fatuwa eyo omubuuza ekintu kyonna ku bikwatagana n'okutawaaza akugamba nti: Buuza ba Sheikh. Ate bw'omubuuza ku gundi teyeesisiwala kukugambirawo nti: Mukaafiiri oba nti ensingo ye yayengera dda yeetaaga kuttibwa! Ne weebuuza nti fatuwa y'okutawaaza n'okukaafuwaza omuntu oba okumulamulako okuttibwa eriwa esinga okuba enzito n'obulabe mu Busiraamu ne mu magezi? N'olwekyo twegendereze; Imaan yaffe ate tefuuka ensonga etukaafuwaza nga bwe tulabye mu Hadiith eyo waggulu.

OKWAGALA KULWA ALLAH N'OKUKYAWA KULWA ALLAH
(Al walaa' wal Baraa')

Ne mu kukkiriza Allah ﷻ, mwe muli okwagala omuntu kulwa Allah n'okumukyawa ku lwa Allah. Omukkiriza ayagala Abakkiriza era aba mukuumi ku bo. Mu ngeri y'emu ateekeddwa okukyawa abakaafiiri (abo abaakaafuwalira Omutonzi waabwe Allah ﷻ ne bagaana okumusinza oba ne bamusinza nga bwe bamusinzizaako n'ebintu ebirala).

Abakkiriza abasinga Abakkiriza bonna enkizo mu kibiina ky'Omubaka Muhammad ﷺ be ba Sswahaaba ﵃. Aba Ahlu Sunnah wal Jamaa' baagala ba Sswahaaba ﵃ mu njagala ey'ensusso era bakkiriza nti ba Sswahaaba be basinga abantu bonna obulungi oluvannyuma lwa ba Nabbi – ng'Omubaka ﷺ bwe yagamba nti:

خ القرون قر الذين يلونم الذين يلونم

(متفق على صحته)

Abantu abasinga obulungi beebo abali mu kyasa kyange (abandabyeko), oluvannyuma abo abali mu kyasa ekiddako (abalabye ku bandabyeko) n'oluvannyuma abo abali mu kyasa ekiddako (abalabye ku balabye ku bandabyeko)

Bakkiriza era nti asinga ba Sswahaaba bonna obulungi n'ekitiibwa ye Abu Bakar Asswiddiiq ﵁, ne kuddako Umar Ibn al khattwabi - al faaruuq ﵁, ne kuddako Uthmaan Ibn Affaan - Dhu Nnuuraini ﵁, ne Kuddako Ali Ibn Abi Twalib – Al Murtadhwa ﵁. Ne bazzaako abasigadde ku kkumi abaasanyusibwa n'Ejjana, ne bazzaako ba Sswahaaba bonna okutwalira awamu ﵃. Tebanonooza byabaawo wakati waabwe era bakkiriza nti kyonna ekyabaawo wakati waabwe kwali

kunyiikira kwabwe mu bulungi; eyanyiikira nateeba ekituufu alina empeera bbiri n'eyanyiikira n'agwa alina empeera emu.[1]

---

1 Ba Sswahaaba baali bantu ng'abantu abalala. N'olwekyo tekisoboka kuba nti tewali n'omu mubo yakolayo nsobi yonna. Wabula mu nzikiriza yaffe ey'Obusiraamu, tukuuma ennimi zaffe obutayogera ku Sswahaaba yenna kibi kyonna olw'ensonga eziwerako: Esooka, olw'okuba Allah Ow'ekitiibwa yatutegeeza nti yabasiima bonna era n'atukubiriza okubasabira obulungi era n'atutegeeza nti ayagala obulungamu, ateekeddwa okukkiriza mu nzikiriza gye bakkirizaamu. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿فَإِنْ ءَامَنُوا۟ بِمِثْلِ مَآ ءَامَنتُم بِهِۦ فَقَدِ ٱهْتَدَوا۟ ۖ وَّإِن تَوَلَّوْا۟ فَإِنَّمَا هُمْ فِى شِقَاقٍ ۖ فَسَيَكْفِيكَهُمُ ٱللَّهُ ۚ وَهُوَ ٱلسَّمِيعُ ٱلْعَلِيمُ ١٣٧﴾ البقرة

Bwe banakkiriza mu nzikiriza gye mukkirizzaamu,
mazima bajja kuba balungamye.

Ekyo kimalira Omusiraamu okutegeera ekifo kyabwe mu maaso ga Allah ﷻ. Ekyokubiri, Omubaka ﷺ yatugaana okuboogerako ekibi kyonna era n'atutegeeza nti:

لا تسبوا أصحابي فوالذي نفسي بيده لو أنفق أحدكم مثل أحد ذهبا لم
يبلغ مدة أحدهم ولا نصيفه

Temuvumanga ba Sswahaaba bange. Kubanga ndayira oyo awaniridde omwoyo gwange; Omu mu mmwe ne bw'asaddaaka zzaabu ey'enkana olusozi Uhudi tasobola kwenkana lubatu lwa birungi byabwe wadde ekitundu kyalwo.

Ekyokusatu, kwe kuba nti Ba Sswahaaba abo, Allah be yayisizaako eddiini eno ey'ekitiibwa okututuukako oluvannyuma lw'okuba nti be baasooka okujikkiriza ne bajinywererako mu kubonyabonyezebwa okuyitirivu, ne bayimirira wamu ne Nabbi mu mbeera enzibu ennyo ne batamwabulira ne bamulwanirira, abamu ne battibwa mu bukambwe abalala ne basengulwa mu mayumba gaabwe n'ekibuga kyabwe Makka, abalala ne baawukana n'enganda zaabwe abalala ne bawaayo emmaali yaabwe Obusiraamu busobole okuyimirirawo n'okututuukako. Ku nkomerero, oluvannyuma lw'ebizibu ebyo bye baayitamu, Allah yabatuusa ku buwanguzi kyokka ne batakoma awo wabula ne bagenda mu maaso n'okulafuubana oluvannyuma lw'okufa kwa Nabbi nga basomesa eddiini gye baayiga ku Nabbi n'okusaasaanya Obusiraamu mu bitundu ebirala byonna paka lwe

ABANTU B'ENJU Y'OMUBAKA MUHAMMAD ﷺ
(Ahalul Bayiti)

Baagala abantu b'enju y'Omubaka Muhammad ﷺ Abakkiriza mu bo, era baagala n'okuwa ekitiibwa bakyala b'Omubaka Muhammad ba Maama b'abakkiriza era basaba Allah okubasiima bonna.

Beesambira ddala enkola y'abashiya ba Rrawaafidhwa abo abakyawa ba Sswahaaba ba Nabbi Muhammad ﷺ ne babavuma n'okubavuma ate ne basukka ekkomo mu kugulumiza abantu b'ennyumba y'Omubaka Muhammad ﷺ ne babawanika okubasussa ekigero Allah ﷻ kye yabateekako! Mu ngeri y'emu beewala enkola ya ba Nnawaasiwb abo abanakuwaza abantu b'ennyumba y'Omubaka n'ebigambo oba n'ebikolwa.[1]
Ebyo byonna bye tuleese mu bigambo bino ebikulu ate nga bifunda, y'enzikiriza entuufu eyo Allah ﷻ gye yatuma nayo

---

kituuse olwaleero nga tewali kitundu kyonna ku nsi okuggyako nga kirimu Obusiraamu. Kale ba bitiibwa nnyo era baagalwa nnyo eri Allah n'olwekyo tuteekeddwa okukuuma ennimi zaffe kubo nga bwe tusaba ne Allah atuzuukize wamu nabo.

1 Abashiiya ba Raafidha baba bakaafiiri wadde beeyita Abasiraamu. Mu nzikiriza yaabwe, bagamba nti obubaka tebwaki bwa Nabbi Muhammad ﷺ wabula bwali bwa Ali رضي الله عنه Malaika Jibril عليه السلام n'ebukumpanya! Bavuma ba Sswahaaba wamu n'okubakaafuwaza nga mubo be bakaafuwaza mwe muli Abubakr Asswiddiiq رضي الله عنه, Umar Ibn al khattwabi ne Maama w'Abakkiriza mukyala wa Nabbi Aisha n'abalala! Bagamba nti okutta omusunni kirungi okusinga okutta omukaafiiri! Tebakkiriza nti Qur'aan nzijuvu era balina kulaane eyaabwe gye beewandiikira gye bayita Mushaf al Faatimiyyat! Wadde beefuula abalabe b'abayahuudi, kikulu okumanya nti baatandikibwawo omusajja omuyahuudi omuyemeni eyeefuula nti asiramuse kyokka nga munnanfuusi eyayitibwanga Abdullaahi Ibn Saba'. N'olwekyo, kikulu okumanya nti Obushiiya ssi Busiraamu wadde ba nannyini bwo nga bayambibwako abakaafiiri abalabe b'Obusiraamu babuyita Busiraamu.

Omubaka we Muhammad ﷺ era y'enzikiriza y'ekibinja kyokka eky'okuwona, Ahlu Sunnah wal Jamaa' ekyo Omubaka ﷺ kye yayogerako n'agamba nti:

لا تزال طائفة من أمـ على ا ق منصورة لا يضرهم من خذ م
ح يأ أمر ا سبحانه

Tewagenda kukoma kubaawo kibinja mu kibiina kyange nga kye kiri ku Mazima eky'okutaasibwa. Tekiva ku mulamwa olw'abo abakyesamba paka ekiragiro kya Allah Ow'ekitiibwa (Olunaku lw'enkomerero) lwe kirijja.

N'agamba Omubaka wa Allah nti:

افترقت اليهود على إحدى وسبع فرقة وافترقت النصارى على اثنت وسبع فرقة وستفترق هذه الأمة على ثلاث وسبع فرقة كلها النار إلا واحدة فقال الصحابة: من هي يا رسول ا ؟ قال: من كان على مثل ما أنا عليه وأصحا

Abayudaaya beetemaatemamu ebibinja nsanvu mu kimu, ate abakristaayo ne beetemaatemamu ebibinja nsanvu mu bibiri, n'ekibinja kino (eky'Abasiraamu) kigenda kwetemaatemamu ebibinja nsanvu mu bisatu nga byonna bya mu muliro okuggyako ekibinja kimu kyokka. Ba Sswahaaba ne bamubuuza nti: Kye kiriwa ekyo owange ggwe Omubaka wa Allah? N'abagamba nti: Ekyo ekinaabeera kw'ekyo kye ndiko olwaleero ne ba Sswahaaba bange.

Eyo nno y'enzikiriza Omusiraamu gyateekeddwa okwekwatako n'okunywererako n'okwewala ebyo byonna ebikontana nayo.

EBIBINJA EBYABULA

Ate abaabula ne bava ku nzikiriza eyo ne bakwata ekyennyume kyayo balimu ebibinja bingi ddala. Mulimu abasinza amasanamu, n'abasinza ba Malaika, n'abasinza abalongoofu, n'abasinza amajinni, n'abasinza emiti, n'abasinza amayinja n'abasinza ebirala ebitali ebyo. Abo tebaayanukula kukoowoola kw'Ababaka wabula kye baakola kwe kubaawukanako n'okubawakanya nga Abaquraish n'ebika ebirala eby'abawarabu bwe byeyisiza ku Mubaka Muhammad ﷺ (mu ntandikwa y'obubaka bwe). Baasabanga ebyo bye baasinzanga ebitali Allah ﷻ okubamalira ebyetaago byabwe, n'okubawonyeza abalwadde baabwe, n'okubataasa ku balabe baabwe! Baabisaliranga, baabyeyamiranga – kyokka Omubaka ﷺ bwe yabategeeza nti ekyo kye bakola kikyamu, n'abalagira basinze Allah ﷻ yekka era gwe baba balongooseza okusinza kwonna, baamwewuunya era n'okumuvumirira ne bamuvumirira ne bagamba nti:

﴿ أَجَعَلَ ٱلْـَٔالِهَةَ إِلَـٰهًا وَٰحِدًا ۖ إِنَّ هَـٰذَا لَشَىْءٌ عُجَابٌ ۝٥ ﴾ ص

Abaffe! Ebisinzibwa ebingi (bye tubadde tusinza byonna abimenyewo), n'abifuula Omu yekka nti y'ateekeddwa okusinzibwa? Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo.

Omubaka Muhammad ﷺ teyalekeraawo kubakoowoola n'okubatiisa akabi akava mu kugatta ku Allah ﷻ ebintu ebirala, n'okubannyonnyola enzikiriza entuufu eyo gy'abayitira okwanukula, okutuusa Ow'ekitiibwa Allah lwe yalungamya be yalungamya mu bo oluvannyuma ne bayingira eddiini ya Allah mu bibinja n'ebibinja - bw'etyo eddiini ya Allah ﷻ n'esitulibwa n'eyolesebwa ku nzikiriza ezisigadde oluvannyuma lw'okukoowoola okutaalimu kusiriikiriza n'okulafuubana

okwamaanyi okwakolebwa Omubaka wa Allah Muhammad ﷺ ne ba Sswahaaba be n'abo abaabagoberera mu bulungi.[1]

Oluvannyuma lw'ebbanga eppanvu, embeera yakyuka, obutamanya ne buyitirira mu bantu, abasinga obungi ne batuuka n'okudda ku nzikiriza eyo eyaliwo ng'Obusiraamu tebunajja! Enzikiriza y'okugulumiza ba Nabbi n'abalongoofu okubasussa ekigero Allah kwe yabateeka n'ekomawo; ne batandika okubasaba n'okubalaajanira n'okubakolera ebikolwa ebirala ebijuddemu okugatta ku Allah ebintu ebirala!

Eky'ennaku ennyo, kwe kuba nti abantu abo tebaategeera makulu ga kigambo ***Laa Ilaaha Ill'Allah*** mu ntegeera abakaafiiri Abawarabu (abo abaalwanyisa Nabbi Muhammad ﷺ nga yakabaleetera obubaka) gye baakitegeeramu. Okugatta ku Allah era kukyagenda mu maaso mu bantu ne ku mulembe gwaffe guno olw'obuyiirivu bw'obutamanya obujjudde mu bantu

1 Sheikh, Abdul Aziiz Ibn Ba'z – eyali Mufti wa Saudi Arabia era omuwandiisi w'ekitabo kino - Allah amusaasire, ky'agenderera mu nsonga eno, kutegeeza buli yenna akoowoola Abasiraamu okubazza eri obulungamu (Daa'e), nti ateekeddwa okuba omugumiikiriza mu Da'wat ye kubanga Kimanyiddwa bulungi nti omuntu yenna avaayo okusomesa abantu ekituufu ng'abakoowoola abaggye mu shirik ne bid'at n'amazambi amalala ge bakola, ayolekezebwa obulabe obw'ebika eby'enjawulo ng'okumuyita omuyeekera, oba okumuyita omulalu n'okumulimbisa oba okugamba nti aleese eddiini empya n'ebirala. Abamu babasalira n'enkwe z'okubatta era abamu ne battibwa abalala ne basibwa mu makomera n'ebikolwa ebirala ebyewuunyisa. Wabula omukoowooze tateekeddwa kuggwamu maanyi wadde okulekera awo da'wat ye wabula buli lw'asanga ebimunakuwaza, agwanira ajjukire nti ssi y'asoose okubisanga wabula baabikola n'oyo asinga ebitonde byonna obwagalwa eri Allah kyokka n'agumiikiriza paka Allah lwe yatuusa Obusiraamu ku buwanguzi.

n'olwokwesuula kw'omulembe guno ku mulembe gw'obwa Nabbi.[1]

N'ekibuzaabuza abashiriku b'omulembe guno ky'ekyo kyennyini ekyabuzaabuzanga abashiriku ab'edda; Kye kigambo kyabwe ekigamba nti:

﴿ هَٰٓؤُلَآءِ شُفَعَٰٓؤُنَا عِندَ ٱللَّهِ ﴿١٨﴾ ﴾ يونس

Abo bawolereza baffe eri Allah

Ne bagamba era nti:

﴿ مَا نَعۡبُدُهُمۡ إِلَّا لِيُقَرِّبُونَآ إِلَى ٱللَّهِ زُلۡفَىٰٓ ﴿٣﴾ ﴾ الزمر

Tetubasinza okuggyako lwa kutusembeza kumpi ne Allah

Mazima Allah yamenyawo ekibuzaabuuza kyabwe kino n'atangaaza nti buli yenna asinza ekitali Ye aba mushiriku omukaafiiri nga Allah ﷻ tafuddeeyo ku kiki omuddu oyo kyasinzizza - nga bwe yagamba nti:

﴿ وَيَعۡبُدُونَ مِن دُونِ ٱللَّهِ مَا لَا يَضُرُّهُمۡ وَلَا يَنفَعُهُمۡ وَيَقُولُونَ هَٰٓؤُلَآءِ شُفَعَٰٓؤُنَا عِندَ ٱللَّهِۚ ﴿١٨﴾ ﴾ يونس

Ne basinza ebyo ebitali Allah Omutonzi; Ebyo ebitasobola kubatuusaako mutawaana gwonna wadde okubagasa! Ne bagamba nti: Abo be bawolereza baffe eri Allah.

---

1 N'olwekyo, buli ayagala obulungamu n'okuwona obubuze, ateekeddwa okwekwata ku Qur'aan ey'ekitiibwa ne Sunnah z'Omubaka Muhammad ﷺ ku ntegeera y'abalongoofu abaatukulembera.

Allah Ow'ekitiibwa n'abaanukula nti:

﴿قُلۡ أَتُنَبِّـُٔونَ ٱللَّهَ بِمَا لَا يَعۡلَمُ فِي ٱلسَّمَٰوَٰتِ وَلَا فِي ٱلۡأَرۡضِۚ سُبۡحَٰنَهُۥ وَتَعَٰلَىٰ عَمَّا يُشۡرِكُونَ ١٨﴾ يونس

Bagambe nti: Mutegeeza Allah ebyo by'atamanyi mu ggulu oba mu nsi?! Yayawukana Allah n'agulumira kw'ebyo bye bamugattako!

N'annyonnyola Allah ﷻ mu Ayaat ezo waggulu nti okusinza ekintu kyonna ekitali Ye, k'abeere ng'asinziddwa Nabbi oba muntu mulongoofu (wali) oba ekintu ekirala kyonna eba shirik ennene ejja omuntu mu Busiraamu ne bw'aba ng'akoze ekikolwa ekyo akituumye amannya amalala agakirongoosereza agatali shirik (ng'abo waggulu bwe beewozangako nti mu kusinza ebyo bye basinza tebagenderera kukola shirik wabula babisinza bisobole okubasembeza eri Allah ﷻ n'okubawolereza mu maaso ge mbu kubanga bitonde birongoofu era bya kitiibwa mu maaso ga Allah!). N'agamba Omulungi Allah nti:

﴿وَٱلَّذِينَ ٱتَّخَذُواْ مِن دُونِهِۦٓ أَوۡلِيَآءَ مَا نَعۡبُدُهُمۡ إِلَّا لِيُقَرِّبُونَآ إِلَى ٱللَّهِ زُلۡفَىٰٓ ٣﴾ الزمر

N'abo abeeteerawo eby'okusinza ebitali Allah (beekwasa nti) Tetubasinza okuggyako lwa kutusembeza kumpi ne Allah

N'abaanukula Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَهۡدِي مَنۡ هُوَ كَٰذِبٞ كَفَّارٞ ٣﴾ الزمر

Mazima Allah talungamya oyo omulimba, omukaafiiri.

N'annyonnyola Allah ﷻ nti okusinza kwabwe ebitali Ye nga babisaba (ebintu ebitalina kusabibwa okuggyako Ye – ng'oluzaalo, obugagga, emirembe, amagezi, obuganzi n'ebirala)

era nga babitya (nga bwe batya Allah oba okusingawo!) era nga babirinamu essuubi (nga lye balina mu Allah oba okusingawo!) n'ebikolwa ebirala ebibifaanana byonna kuba kusinza bitali Allah ﷾ era kuba kumukaafuwalira. Ow'ekitiibwa Allah era n'abalimbisa mu kigambo kyabwe nti okusinza ebitali Ye kubasembeza gy'ali.[1]

---

1 N'olwekyo omuntu yenna asinza ekintu kyonna nga yeerimbise mu kuba nti ayitiramu kiyitire, ng'abasaba Yesu ebyetaago byabwe, abalaajanira biikira Maariya abayambe oba abasaba Mwoyo mutukuvu, oba Yuda Taddeewo oba abeenenyeza ba Faaza ne babasaba okubasonnyiwa oba okubassaako emikisa oba abasaba abayitibwa abatuukirivu oba abasaddaakira obubumbe oba abasaba ba Malaika oba Abasiraamu abalongoofu abaafa oba ba Nabbi, Yee – ne bw'aba Nabbi Muhammad, Allah yakirambika bulungi nti akola ekyo, aba mukaafiiri nga Aya eyo waggulu bw'ogiraba.

Okumanya ekikolwa ekyo kya bukaafiiri nnyo, kirimu okukkakkanya Omutonzi Allah okumufaanaganya n'ebitonde bye. Anti omuntu omukulembeze ye yeetaaga abantu abamuyambako okumanya ebyetaago n'ebizibu by'abo b'akulembera. N'abakulemberwa be beetaaga abantu ab'okubatuusa eri oyo abakulembera kubanga ababakulembera tebalina ngeri gye bayinza kumanyamu bizibu byabwe okuggyako nga beeyambisizza ba kayungirizi. Mu ngeri y'emu abakulembera olw'emitima gyabwe emirwadde, n'olw'okweyagaliza bokka, n'okufa ku benganda zaabwe bokka, n'olw'obukambwe bwabwe, n'okwekuza, n'obutaagala kwesembereza be bakulembera, abantu babatya. Awo ne kyetaagisa omuntu alina enkizo eri omukulembeze oyo okumutuukirira n'okumumatiza n'okumuteekamu okusaasira eri oyo akulemberwa asobole okuyambibwa.

Ate yye Omutonzi Ow'ekitiibwa Allah, bw'atyo ssi bw'ali; Amanyi ebizibu by'ebitonde bye byonna - ssi bantu bokka. Abiri kumpi nnyo era awulira nnyo, teyeetaaga muntu kumutuusaako mawulire gonna gafa ku bitonde bye. Ye nannyini kusaasira era ye yatondera mu bantu okusaasira, n'olwekyo, teyeetaaga kitonde kyonna kumunnyonnyola na kumusikiriza alyoke afune okusaasira eri ebitonde bye. Kati bwetaavu ki obw'okuyitira mu kintu kyonna okutuuka eri Allah? Ye, abo ba kayungirizi abantu be beeteerawo, bagezaako kubuulira Allah ebyo by'atamanyi mu nsi ye gye yeetondera, gy'alabirira?! Mulowooza ki ku kigambo kya Allah kino eky'ekitiibwa?

ABATALINA DDIINI!
(Earthiest)

Ne mu nzikiriza ez'ekikaafiiri ezikontana n'enzikiriza entuufu eyo eyaleetebwa Ababaka bonna – emirembe gibeere ku bo, y'enzikiriza ya ba mulihid (abagamba nti bo tebalina ddiini!) abagoberezi ba Marx (ye Karl Marx omutandisi w'enzikiriza y'ekikominist) ne Lenin (ye Vladmir llyich Lenin, eyaliko omukulembeze wa Russia era omutandisi w'enzikiriza ya Leninism) n'abalala ababafaanana mu bakoowooze b'obukaafiiri. Enzikiriza zino bazituuma amannya nga Shuyuu'eyyah (communism) ne 'Ishtraakiyya' (socialism) n'enzikiriza eya 'Ba'thiyyah' (renaissance) n'amannya amalala ge bazituuma. Mu bikolo by'enzikiriza y'abakaafiiri abo, y'enzikiriza egamba nti; "Katonda taliiyo, n'obulamu kintu buntu ekyeteekawo kyokka era kyekyusa kyokka"! Ne mu bikolo byabwe, bawakanya olunaku lw'enkomerero, bawakannya okubaayo kw'ejjana n'omuliro n'okukaafuwalira amadiini gonna! Tewali kubuusabuusa nti enzikiriza eno ezikiriza bannanyini yo n'ebateeka ku bibonerezo ebisingira ddala okuba ebibi mu nsi n'oluvannyuma lwayo.[1]

﴿ وَإِذَا سَأَلَكَ عِبَادِي عَنِّي فَإِنِّي قَرِيبٌ ۖ أُجِيبُ دَعْوَةَ الدَّاعِ إِذَا دَعَانِ ۖ فَلْيَسْتَجِيبُوا لِي وَلْيُؤْمِنُوا بِي لَعَلَّهُمْ يَرْشُدُونَ ﴿١٨٦﴾ ﴾ البقرة

Abaddu bange bwe baba bakumbuuzizza (bagambe nti): Mazima nze ndi kumpi (nnyo nabo); Nyanukula okusaba kw'ansaba yenna singa aba ansabye. Kale bannyanukule (n'okugondera amateeka gange) era banzikirize balyoke balungame.

1 Ekyewuunyisa, abantu bangi nga n'abamu Basiraamu tebamanyi nti Democracy nayo nzikiriza ng'enzikiriza endala ez'ekikaafiiri era ng'emalira ddala omuntu okukaafuwala singa alangirira nti ajikkiririzaamu. Abamanyi b'Obusiraamu bakoze omulimo munene nnyo okunyonnyola ensonga eno era ne bawandiika ebitabo biyitirivu ku yo.

Kimanye ggwe mugandawange Omusiraamu nti democracy yatandikibwawo kulwanyisa Busiraamu obwo obwazimbirwa ku musinji gw'okuba nti: Abantu bateekeddwa

okuwangaalira ku nsi mu mbeera yokka Allah eyabatonda gy'ayagala so ssi kuwangaala nga bbo bwe baagala. Bateekeddwa kusinza Allah yekka, bateekeddwa okwewala Allah bye yaziyiza, bateekeddwa okukola Allah bye yalagira. Ate yo enzikiriza ya democracy egamba nti: Abantu balina eddembe ly'okukola kyonna kye baagadde era abagaana okukola kye baagadde aba alinnyiridde eddembe lyabwe (human rights)! Ba ddembe okusinza kyonna kye baagadde era abakaka okusinza ekintu ekimu kyokka aba alinnyiridde eddembe lyabwe ery'okusinza (freedom of worship)! N'ebirala bingi ebifaanana bwe bityo bye mumanyi obulungi.

Mu mbeera bw'etyo, obudiinidiini obwa buli ngeri bumeruka buli lukya era nga tebwogerwako kubanga okubwogerako kuba kulinnyirira ddembe lya kusinza okwazimbirwa democracy. Bwe tutyo naddala wano mu Uganda wetumanyi obulungi, twesanze nga tulina abeeyita ba katonda, abeeyita ba nabbi - bonna nga balya butaala. Mu ngeri y'emu, olw'obutalinnyirira ddembe ly'obuntu eryaleetebwa democracy, abantu bakola ebintu ebitasobola wadde okukolebwa ensolo! Ng'okulya ebisiyaga n'okubirwanirira ekyere, n'osanga nga waliwo n'abakulembeze abali mu bifo eby'obuvunaanyizibwa nga bali ba bisiyaga oba nga babirwanirira era nga batwalibwa mu be bakulembera nti ba bitiibwa! Abantu (abeeyita abalaasi) bajjudde ku nguudo ne mu bifo eby'obuvunaanyizibwa kyokka nga balina enviiri ezimanyiddwa obulungi nti emyaka mitono nnyo egiyise, abaabanga n'enviiri bwe zityo baalyanga ku kasassiro! Abaana abawala bakunnumba bute era nga n'ebifo bingi gye bakungaanira ne beeyambulira ddala ne boolesa obwereere bwabwe mu nkuyanja y'abantu!

Oyo nno ye democracy – gw'osingaana nga waliwo n'Abasiraamu abatinkiza naye. Ssi nkola ya bya bufuzi kyokka, wabula ddiini yennyini ekontana n'obusiraamu butereevu wadde ng'abalwanirira eddiini eyo basobola okweyita abakrisitaayo oba Abasiraamu oba ab'eddiini endala. Anti Sheikh akulaze nti ne communism gwe walowoozanga nti nkola ya bya bufuzi (political system) oba Leninism akulaze nti ddiini. Eby'okulabirako ebyo ebikuweereddwa sso ng'obadde obimanyi bulungi bikumalira okutegeera nti democracy nzikiriza era ng'omuntu yenna agamba nti ali democratic (akkiririza mu democracy) aba amaze okurutadda n'ava mu Busiraamu ng'abamanyi bwe bakirambika obulungi. Anti tesuubirwayo Musiraamu yenna ayinza okubuusabuusa nti omuntu akkiriza nti abantu balina eddembe okusinza kye baagadde aba mukaafiiri.

ABASUUFI

Ne mu nzikiriza ezikontana n'enzikiriza entuufu y'enzikiriza ya ba ***baatwniyyah*** n'abasuufi abo abakkiriza nti abamu ku abo be bayita bakwano ba Allah ﷻ (ba waliy) nabo bakyusakyusa embeera y'ebitonde wamu ne Allah nti era balina n'obusobozi obukola kye baagadde mu bitonde! Abantu abo babatuuma amannya nga Aqtwab oba Awtaad oba Ag'waath n'amannya amalala ge beetuumira ebyo bye basinza. Okwo nno kwe kugatta ku Allah ﷻ mu bikolwa bye (Rubuubiyyat) okusingira ddala okuba okubi era nga kubi n'okusinga okwakolebwanga Abawarabu ng'Obusiraamu tebunajja. Anti abakaafiiri Abawarabu abaaliwo ng'Obusiraamu tebunajja, tebaagattanga ku Allah ﷻ mu bikolwa bye wabula baamugattangako mu kusinza - ng'awamu n'ekyo, tebaamugattangako nga bali mu buzibu wabula baamugattangako nga bali mu mirembe gyokka. Bwe baabanga mu buzibu, okusinza kwabwe baakulongoosezanga Allah ﷻ yekka nga Allah bwe yagamba nti:

﴿ فَإِذَا رَكِبُوا۟ فِى ٱلْفُلْكِ دَعَوُا۟ ٱللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ ٱلدِّينَ فَلَمَّا نَجَّىٰهُمْ إِلَى ٱلْبَرِّ إِذَا هُمْ يُشْرِكُونَ ﴿٦٥﴾ ﴾ العنكبوت

Bwe balinnya mu lyato basaba Allah yekka era ne balongooseza Ye yekka eddiini yaabwe. Kyokka bw'amala okubataasa n'abatuusa ku lukalu ate ogenda okulaba nga bamusinzizaako ebintu ebirala!

Ate Tauhiid Arrubuubiyyat (okukkiriza nti Allah yekka ye Mutonzi Ye Mufuzi owokuntikko, Y'akyusakyusa embeera z'ebitonde byonna era omugabirizi waabyo), baali tebamuwakanya.

Yagamba Allah ku bo nti:

﴿ وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَهُمْ لَيَقُولُنَّ ٱللَّهُ ﴿٨٧﴾ ﴾ الزخرف

Kyokka singa obabuuza eyabatonda, bajja kugambira ddala nti: Allah.

N'agamba Allah, Omugulumivu ennyo nti:

﴿ قُلْ مَن يَرْزُقُكُم مِّنَ ٱلسَّمَآءِ وَٱلْأَرْضِ أَمَّن يَمْلِكُ ٱلسَّمْعَ وَٱلْأَبْصَٰرَ وَمَن يُخْرِجُ ٱلْحَىَّ مِنَ ٱلْمَيِّتِ وَيُخْرِجُ ٱلْمَيِّتَ مِنَ ٱلْحَىِّ وَمَن يُدَبِّرُ ٱلْأَمْرَ ۚ فَسَيَقُولُونَ ٱللَّهُ ۚ فَقُلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٣١﴾ ﴾
يونس

Bagambe nti: Ani abagabirira okuva mu ggulu ne mu nsi? Oba, Ani afuga okuwulira n'okulaba? Era ani aggya ekiramu mu kifudde era n'aggya ekifudde mu kiramu era n'akyusakyusa embeera (y'ebitonde byonna)? Bajja kukugamba nti: Allah (y'akola ebyo byonna). Olwo bagambe nti: Abaffe! Temutya Allah?

N'obujulizi obulala ku nsonga eyo bungi nnyo.

Ate bo abashiriku ab'omulembe guno, obukaafiiri bwabwe bwasukkuluma ku bukaafiiri bw'abaakulembera mu ngeri bbiri:
Engeri esooka: Abamu ku bo bagatta ku Allah ﷻ mu Tauhiid Arrubuubiyyat.
Engeri eyookubiri: Bagatta ku Allah ﷻ mu mirembe ne mu bizibu – nga bwe kyeyoleka obulungi eri oyo yenna abawangaaliramu n'oyo eyeetegereza embeera zaabwe, n'alaba bye bakolera ku ntaana ya al Husein ne Badwi n'abalala e Misiri. Ne bye bakolera ku ntaana ya Al-Eidruus e Aden ne Al-Haad e Yemen ne Ibn Arabie e Shaam ne Sheikh Abdul Qaadir al Jiiraanie e Iraq n'entaana endala emmanyifu abantu ze baabukirako ensalo za Allah ﷻ ne bazikolera ebyo ebiteekeddwa okukolerwa Allah yekka![1]

1 Mu bibinja ebyabula, mwe muli ekibinja ekyesiba ku Busiraamu kye bayita Suufiyyah. Abagoberezi b'ekibinja kino bayitibwa basuufi era nga mu nzikiriza yaabwe, nga Sheikh

Eky'ennaku ennyo, bwe butono bw'abo abafaayo okuziyiza abantu abo okukola ebikolwa ebyo n'okubannyonnyola eddiini yennyini eyo Allah ﷺ gye yatuma nayo Omubaka we Muhammad ﷺ n'abamukulembera mu Babaka – Okusaasira n'emirembe bibeere ku bo. ***Innaa lillaahi wa Innaa ilaihi Raaj'uun.***

---

bw'akutegeezezza, bagulumiza abafu abalowoozebwa nti baali balongoofu (ba waliyy) mu ngulumiza esukka ensalo z'obusiraamu ne batuuka n'okubasinza nga babasaba ebyetaago byabwe nga beekwasa nti abo abafu balina enkizo mu maaso ga Allah, nti era wadde babasinza naye bayitiramu bayitire okutuusa ebyetaago byabwe eri Allah! Ekibinja kino Kimanyiddwa nnyo mu Basiraamu ne mu bamanyi nga Ubbaadul Qubuur (abasinzi b'entaana – grave worshippers) so nga wano ewaffe bayitibwa baliidi. Bagenda ewali entaana z'abo be bayita abalongoofu ne babasaba ebyetaago byabwe n'okubakolera ebikolwa ebirala eby'okusinza. Balina abagoberezi mu mawanga ag'enjawulo era ng'eyo babaayo n'entaana y'omuntu gwe bagamba nti yali mulongoofu era nga entaana eyo bagikyalira ne bakola ebikolwa ebiyitirivu eby'obukaafiiri nga Sheikh bw'akulaze abamu ku bantu be basinza nga bagamba nti baali balongoofu nnyo – nga bwojja nti obulongoofu bwabwe bugasa abo ababasinza! Abamu batuuka ne ku ssa ly'okugamba nti abo abafu abaali abalongoofu (ba waliyy) bayamba ku Allah okukola byonna by'akola mu bitonde bye! Mbu bakola ebyalema ba nabbi okukola!

Era nga Sheikh bw'agambye, obwo bwe bukaafiiri obusingira ddala okuba obubi era Omusiraamu yenna ateekeddwa okumanya nti omuntu ali ku nzikiriza eyo, aba mukaafiiri ne bw'asula era n'asiiba nge yeeyita Omusiraamu. Eky'ennaku ennyo, kwe kuba nti mu bintu ebyatandikibwawo ab'enzikiriza eyo ate mulimu ebimu ebyasobola okututuukako wano e Uganda n'osanga abamu ku Basiraamu nga babikola nga balowooza nti biri mu ddiini sso ng'abaabitandikawo bali ku nzikiriza nkaafiiri: Ebimu ku byo ye Mawuledi, Burda, okusoma Miiraaje, okusoma edduwa kikutulansingo oluusi gye bayita khitima n'okusoma tahliil ne talaqaini ku mufu ne talawuya ey'okuyimba. Era mu binakuwaza kwe kuba nga waliwo ebimu ku bitabo byabwe ebisomesa obushiriku bwabwe ne bid'at ebirabwako wano e Uganda. Ekimu ku bitabo ebyo kiyitibwa Barzanjie ne Burdatu al Madiih. Omusiraamu takkirizibwa kusoma bitabo ebyo kuba ssi bitabo bya Busiraamu.

Tumusaba Ow'ekitiibwa Allah abakomyewo ku bulungamu era ayinjise abakoowoola nga bazza eri obulungamu era asobozese abakulembeze b'Abasiraamu n'abamanyi b'Abasiraamu okulwanyisa shirik oyo n'okumujjirawo ddala – Mazima Allah ﷻ awulira nnyo era ali kumpi.

AL-JAHMIYYAT NE AL-MU'TAZILAT

Ne mu nzikiriza ezikontana n'enzikiriza entuufu ku nsonga y'amannya ga Allah ﷻ n'amatendo Ge, y'enzikiriza ya bannabid'at ba Jahmiyyat ne Mu'tazlat n'abo abaakwata ekkubo ly'okugaana Amatendo ga Allah ﷻ amajjuvu n'okugamenyawo ne batuuka n'okutenda Ow'ekitiibwa Allah n'ebitendo ebimenyawo okubeerawo kwe n'okumutenda n'ebitendo by'ebintu ebikalu n'ebitasoboka. Yagulumira Allah n'asukkuluma ku bigambo byabwe olusukkuluma olunene.

Mu muteeko guno era mwe mugwa abo abanywezaawo agamu ku matendo ga Allah ﷻ ate ne bamenyawo amarala nga ba Ashaa'erat. Abo nno amatendo ge baanywezaawo gabalumiriza okuba nti bateekeddwa okunywezaawo amatendo amalala ago ge baamenyawo ne bakyusa amakulu gaago agokungulu ne bagawa amakulu amalala ne baawukana ku bujulizi obwakka okuva mu ggulu n'obujulizi obw'obwongo bwe batyo ne beekoonagana enneekoonagana enneeyolefu.[1]

Bo ba Ahlu Sunnah wal Jamaa', banyweza ku Allah ﷻ ebyo bye yeenywezaako n'ebyo ebyamunywezebwako Omubaka we Muhammad ﷺ mu mannya n'amatendo mu ngeri enzijuvu. Mu kumunywezaako amannya ago n'ebitendo ebyo, bakkiriza mu

1 Enzikiriza entuufu ku Mannya ga Allah n'amatendo ge twagikunyonnyodde dda mu bufunze wansi w'omutwe: Amannya ga Allah amalungi n'amatendo ge amajjuvu.

bujjuvu nti Allah ﷾ tafaanana kitonde kyonna mu nfaanana yonna. Bwe batyo ne bakolera ku bujulizi bwonna ne batakyusa makulu ga kitendo kyonna wadde okukimenyawo era bwe batyo ne bawona okwekoonagana okwo okwagwamu abalala nga ensonga eno bwe yannyonnyoddwa mu ntandikwa.

Eryo nno ly'ekkubo ly'okuwona mu nsi n'oluvannyuma lwayo, era ly'ekkubo eryakwatibwa abalongoofu ba Ummat eno abaakulembera n'abamanyi baayo, ate nga kikulu nnyo okumanya nti "tewali kigenda kulongoosa mirembe emivannyuma okuggyako ekyo ekyalongoosa emirembe egyakulembera" nga nakyo kwe kugoberera Qur'aan eyeekitiibwa n'enkola y'Omubaka Muhammad ﷺ n'okwewala ekyennyume kyabyo.

EBINTU EKKUMI EBIGGYA OMUNTU MU BUSIRAAMU

Kimanye mugandawange Omusiraamu nti Mazima Allah سبحانه وتعالى yalaalika ku baddu be bonna okuyingira mu Busiraamu n'okubwekwatako n'okwewala ebyo byonna ebikontana nabwo, n'atuma n'Omubaka we Muhammad ﷺ akoowoole abantu ng'abazza eri ensonga eyo era n'ategeeza abaddu be nti agoberera Omubaka Muhammad ﷺ ajja kuba alungamye n'amwawukanako ajja kuba abuze. Allah سبحانه وتعالى era, mu Ayaat nyingi, yeekesa abaddu be ensonga ezivaako okurutadda (okuva mu Busiraamu) era n'abeekesa n'ebika byonna ebya shirik n'obukaafiiri.

(Olw'obukulu bw'ensonga eyo,) abamanyi b'Obusiraamu – Allah abasaasire, bannyonnyola mu ssomo erikwata ku nnamula ya Murtadi (avudde mu Busiraamu) nti ensonga nnyingi ezisobola okuggya Omusiraamu mu Busiraamu n'afuuka omukaafiiri atazira musaayi gwe wadde emmaali ye. Ensonga ezisinga okuba ez'obulabe era ezisinga okugwibwamu mu nsonga eziggya omuntu mu Busiraamu ziri kkumi. Zikuleeteddwa wammanga mu bufunze osobole okuzeewala n'okuzeewazisa omulala atali ggwe nga bwe tusaba Allah سبحانه وتعالى okututaasa n'okutukuuma obutazigwamu:

Ensonga esooka mu nsonga eziggya omuntu mu Busiraamu kwe kugatta Allah ﷻ ekintu ekirala mu kumusinza. Yagamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَغۡفِرُ أَن يُشۡرَكَ بِهِۦ وَيَغۡفِرُ مَا دُونَ ذَٰلِكَ لِمَن يَشَآءُۚ ﴿٤٨﴾ ﴾ النساء

Mazima Allah tasonnyiwa muntu yenna amugattako ekintu kyonna, kyokka asonnyiwa oyo gw'aba ayagadde ekibi ekitatuuka shirik.

N'agamba Ow'ekitiibwa Allah nti:

﴿إِنَّهُۥ مَن يُشۡرِكۡ بِٱللَّهِ فَقَدۡ حَرَّمَ ٱللَّهُ عَلَيۡهِ ٱلۡجَنَّةَ وَمَأۡوَىٰهُ ٱلنَّارُۖ وَمَا لِلظَّٰلِمِينَ مِنۡ أَنصَارٖ ٧٢﴾ المائدة

Mazima ddala oyo agatta ku Allah ekintu kyonna, Allah yaziyiriza ddala ku ye Ejjana, n'obuddo bwe muliro. Era abalyazaamaanya tebalina mutaasa yenna.

Ebimu ku bikolwa ebya shirik kwe kusaba abafu n'okubalaajanira n'okubeeyamira n'okubasalira - ekisolo kyonna oba ekinyonyi.[1]

1 Olw'obulabe bwa shirik n'okuba nti kye kintu ekisinga okuggya abantu mu Busiraamu, ebikolwa ebikolebwa ebya shirik ebifulumya abantu mu Busiraamu bikuleeteddwa osobole okubyewala olwewala olwamaanyi n'okubyewazisa gw'olaba abikola. Ate eyali abikozeeko oba abadde abikola ayanguwe mangu okubivaako n'okwenenya asobole okudda mu Busiraamu. Kimanye nti ebisinga obungi birekeddwayo olw'obufunda bw'ekifo. Bye bino wammanga:

Essabo n'ebyo byonna ebikolebwamu. Ebiggwa n'ebyo byonna ebikolebwayo, amasiro n'ebyo byonna ebigakolerwamu, okusamira, okukuba ebitabo – nakwo kuba kusamira. Okuloga okw'okwagaza oba okw'okukyayisa oba okw'okutuusaako omuntu akabenje, ebintu ebiri mu makulu g'okuloga wadde tebikola, ng'okusiba ebisubi ekifundikwa ng'okyereye okutuuka ku somero mbu obwongo bw'omusomesa akwata abakeereye bukyuke bukulabe ng'eyatuuse edda oba buyingiremu okusaasira gy'oli. Okumalira ebizibu mu masabo, okukkiririza mu ba lubaale; Mukasa, Ddungu, Kibuuka, Musoke, Muwanga, Kiwanuka n'abalala. Okukkiririza mu basamize n'abalaguzi ne bw'oba togendayo.

Okukkiriza nti waliwo amanyi ebyekwese atali Allah. Okusala ekisolo oba ekinyonyi nga tokisaze kulwa Allah ﷻ; ng'okusalira tanuulu, omusinji, akasolya, ekidduka, ekizimbe, ekkolero, oluguudo oluzimbibwa, emizimu n'ebifaananako bwe bityo. Okusaddaaka abantu, okuba n'enzikiriza ku balongo nti balimu amaanyi ag'enjawulo tebalinga baana balala; bwe bataalulwa basobola okuleeta obulabe, bookya, bakyankalanya ekika

n'enzikiriza endala ez'ekikaafiiri kubo. Okukkiriza nti ejjirikiti lirimu amaanyi ag'enjawulo; terifumbisibwa, kwe kusuulibwa ebifudde, ng'embwa, enkoko, embuzi n'ebirala. Okukkiriza nti amasanganzira galimu amaanyi ag'enjawulo. Okusuulangamu ebyoya by'enseenene, ebikuta by'ebinyebwa, ebisosonkole by'amaji n'ebirala.

Okugenda mu kyalo mbu empewo zikufuuweko ofune emikisa, okulima ku ntaana ya taata oba maama oba jajja oba ey'omuntu yenna mbu ebibadde byesibye bitaggulukuke, okukungaanya ekika okulima ebijja, okuba n'obuyumbayumba mbu obutereeza ekika, okusaba oba okulaajanira omuntu yenna eyafa ne bw'aba mulongoofu nnyo nga ba Nabbi. Okwesiba oba okusiba mu mwana yirizi ey'ensonga yonna, okuwanika entanga mu mulyango mbu okutangira ebizibu okuyingira mu nju. Okuyungibwa omuntu ali e bunaayira ng'omenyese. Okusiba akaso mu bulago ng'ensingo ekuluma. Okukozesa eddogo ly'okutunda ennyo oba ery'amagezi oba ery'emikisa oba ery'emirimo oba ery'obuganzi. Okusalibwa eddagala ly'obukuumi oba ekimu kw'ebyo bye tulabye waggulu (okusandaggibwa). Okutunda ebintu ebikozesebwa mu shirik, ng'emmindi, ensumbi, ensimbi enganda, obuliba bw'ebisolo, ebisosonkole by'amakovu, ensiriba n'ebirala ne bw'aba ng'abitunda shirik tamukola. Okulunda enkoko enjeru oba embuzi ez'ebitanga n'ebirala ebikozesebwa mu shirik ng'obirunda n'ekigendererwa nti abashiriku babyagala nnyo era babigula bbeeyi ya waggulu.

Okwelaguzalaguza n'amaloboozi g'ebinyonyi oba ebisolo oba ebiwuka oba ebikolwa byabyo; nti mp'abaana bw'ekaaba abayi baba bagenda kufa oba nti namunyenya bw'ogiraba eba ebika oba nti enjuki eranga bagenyi oba okusala kw'emmese ng'olinako gy'olaga nti kutegeeza mikisa oba kisiraani n'ebirala. Okusiiyibwa engalo n'olowooza nti ogenda kufuna ssente oba nti ebisulo byokumaaso bireeta essanyu oba amaziga. Okwelaguzalaguza n'abaguzi; nti kasitoma asooka tebamugoba, nti tebawola kumakya, nti omuguzi bw'akeera okukwewolako, olunaku lwonna ojja kulumalako ng'owola buwozi. Okwelaguzalaguza n'emmunyenye zomumpapula z'amawulire; nti omuntu eyazaalibwa wakati w'ennaku z'omwezi bweziti ne bweziti, emmunyenye ye eyitibwa bw'eti era ajja kuba bw'ati. Okukkiririza mu bisiraani; nti omukyala gwe wawasa wa bisiraani oba ekidduka kye wagula oba olugoye. Okulinnyisa emmotoka amaji ng'egenda okutambuza omufu, omukyala okweyambula n'akwata amabeere nga bw'akoowoola omulambo ogwabulidde mu nnyanja. Okugema enkuba, okufuuwa emmindi ey'eddogo, okutaliza sekkoteka mu lusuku, okulayira ekitali Allah ﷻ, okusulika enseenene esoose okukwatibwa,

Ensonga eyookubiri mu nsonga eziggya omuntu mu Busiraamu, ye muddu okuteeka wakati we n'omutonzi we ebintu byayitiramu okutuuka gy'ali oba mbu okumutuusizaayo ensonga ze! Ebintu ebyo ng'abisaba ebyetaago, n'abisaba okumuwolereza eri Allah ﷻ (intercession), n'abyesigamira. Tewali njawukana mu bamanyi b'Obusiraamu nti akola ekyo aba akaafuwadde.

***Ekyokusatu**:* Omuntu yenna atakaafuwaza bashiriku (abagatta ku Allah n'ebintu ebirala) oba n'abuusabuusa mu bukaafiiri bwabwe oba ng'akkiririza mu nkola yaabwe, naye aba mukaafiiri.[1]

---

okugamba nti kulubazzi bajjabajja omuganda guwere, okuba n'enzikiriza nti omuntu akedde okukuula obutiko obubaala tabuuza b'asanzeewo nti bw'ababuuza ekibaala kisenguka. Okukkiriza ebigambo by'abagamba nti balabikirwa. Okwabya olumbe ne byonna ebikolebwa mu kulwabya ng'okusumika omusika. Okweraguzalaguza n'omuntu gw'osoose okusanga ng'olinako gy'olaga mbu wa mukisa oba kisiraani (wa mutwe mubi oba mulungi).

Okukkiririza mu by'obuwangwa ebikontana n'obusiraamu; mbu abakulembeze b'ennono ba njawulo ku bantu abalala, balina amakundi abiri, okubavunnamira (okubeeyalira ku ttaka), obutabakuba mabega. Okufunya ekikonde ng'oyonsa omwana mbu asobole okukkuta, okutereka akalera k'omwana n'ensonga zonna ezikateresa, okusiba mu mwana yirizi erimu akagumba k'enkoko mbu okutangira obwosi, okuteeka mu kyogero ky'omwana olweza oba kayaayaana mbu omwana abe mulungi ayaayaanirwa. Sitegeeza nti Obusiraamu tebukkiriza kunaaza mwana kyogero wabula kyonna ekiteekebwa mu kyogero n'ekigendererwa ekya shirik ng'olweza tekikkirizibwa. Okusaba ekitali Allah ﷻ ebintu ebyeyawulidde Allah; ng'oluzaalo, emirembe, obuwanguzi, obulungi, amagezi, obuganzi n'ebirala. Okuteeka wakati wo n'Omutonzi wo kayungiriza gw'oyitiramu okutuusa ebyetaago byo eri Allah ﷻ n'ebikolwa ebirala biyitirivu nnyo.

Ensonga zino zinokoddwa mu Kitabo kyaffe: Enzikiriza Y'Omusiraamu Entuufu – faayo nnyo nakyo okisome olw'obukulu bw'ebyo ebikirimu.

1 Nga bwe twakirabye nti Omusiraamu takkirizibwa kukaafuwaza mugandawe olw'ensonga yonna etakaafuwaza, kikulu nnyo era okumanya nti tekikkirizibwa kugaana kukaafuwaza muntu atabuusibwabuusibwa mu bukaafiiri bwe. Singa Omusiraamu agaana

***Ekyokuna**:* Omuntu yenna akkiriza nti waliyo obulungamu obutali bulungamu bwa Nabbi Muhammad ﷺ nga bujjuvu okusinga obulungamu bwe, oba ng'akkiriza nti waliwo ennamula etali nnamula ya Nabbi ng'esinga ennamula ye – ng'abantu abasukkulumya ennamula za sshaitwan (democracy, communism, socialism, baathism, capitalism, etc) ku nnamula ya Nabbi ﷺ (Shari'a) omuntu oyo aba mukaafiiri.[1]

---

okukaafuwaza omuntu eyeeyolese obulungi obukaafiiri bwe, ye y'akaafuwala. Ng'omuntu agaana okukaafuwaza omuntu yenna eyeewaako Obujulizi nti ye ssi Musiraamu – mbu olw'okuba naye asinza Allah mu ddiini ye! Oba ng'abantu abagamba nti amadiini makubo; mbu gasobola okuba ag'enjawulo kyokka nga gonna gaggukira mu kifo kimu! Oba omuntu abuusabuusa mu bukaafiiri bw'omusamize mbu kubanga alaba ayambala ekkanzu oba mbu bamuyita Hajj oba Hajjat oba mbu kubanga asaala oba mbu yawaayo ettaka ne lizimbibwako omuzikiti oba essomero ly'Obusiraamu n'ebirala ebifaanana bwe bityo ng'alinga atamanyi nti shirik amenyawo buli mulimo omulungi omuddu gwe yakulembeza okukola!

Ng'omuntu alwanirira Imaam omushiriku omukubi w'ekitabo okusigala ku bwa Imaam ng'abasiraamu basazeewo okumuggyako. Ng'omuntu asaalira omufu yenna abadde amanyiddwa nti mushiriku mbu kubanga tewali muntu akkirizibwa kusalira munne musango - ng'alinga atakimanyi nti omusango gw'omushiriku Allah yagusala dda n'atutegeeza nti aba mukaafiiri ku nsi ate oluvannyuma lw'okufa kwe tagenda kuva mu muliro. N'olwekyo, Omusiraamu tateekeddwa kwekkiriranya kulamula ku muntu yenna bukaafiiri singa Obujulizi obwoleka obukaafiiri bwe bweyolekera ddala bulungi nga ssi bya kuteebereza buteebereza wadde okulamuza obukyayi kubanga kyategeerekese dda bulungi nti ayita omuntu omukaafiiri nga ssi mukaafiiri ye y'akaafuwala sso nga n'agaana okukaafuwaza omukaafiiri ataliiko kibuzaabuza kyonna naye aba mukaafiiri.

1 Obusiraamu bw'omuntu tebuba butuufu okutuusa ng'akkirizza nti Obusiraamu bujjuvu era bubuna embeera z'obulamu zonna (complete way of life). Era ateekeddwa okumanya nti tewali akkirizibwa kukolera bantu mateeka gabafuga okuggyako Omutonzi waabwe yekka oyo amanyi eby'omugaso gye bali n'ebyobulabe gye bali. Omusiraamu ateekeddwa okukkiriza nti Obusiraamu bujjuvu mu mbeera ey'ebyenzikiriza, ey'ebyobufuzi, ey'ebyenfuna, ey'ebyembeera z'abantu n'embeera endala zonna era ateekeddwa okumanya

***Ekyokutaano**:* Omuntu yenna asunguwalira oba n'atamwa ekintu kyonna Omubaka Muhammad ﷺ kye yajja nakyo, ne bw'aba akikoleddeko akaafuwala. Olw'ekigambo kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

﴿ ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا۟ مَآ أَنزَلَ ٱللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَٰلَهُمْ ﴿٩﴾ ﴾ محمد

---

nti gavumenti elamuza Obusiraamu teyeetaagayo nkola yonna mu nzirukanya y'eggwanga okuggyako nga Allah yagirambika bulungi mu Qur'aan oba Omubaka nga yagirambika bulungi mu Sunnah. N'olwekyo tteeka Omusiraamu okukkiriza nti ennamula y'Obusiraamu (Sharia) yokka y'eteekeddwa okulamula abantu nti era ennamula zonna endala aziyimirizaawo n'azenkanyankanya ne Sharia oba n'azisukkulumya ku Sharia akaafuwala.

Kikulu nnyo okumanya nti ebbanga Abasiraamu we baalamulizanga Sharia baali ba maanyi nnyo era baasobola okufuga kumpi ensi yonna lwa nkola eyo ey'ekitiibwa gye baali beekwatako eyava eri Nannyini ggulu n'ensi Allah. Olwaleero bwe baava ku kulamuza Obusiraamu Allah n'abakkakkanya basobole okudda ku nkola yaabwe eyo eyayitirangamu okutaasibwa n'okusaasira kwa Allah. Enkola z'ebyobufuzi zonna eziriwo olwaleero nga democracy, communism, socialism, capitalism n'endala zajja kulwanyisa nkola ya Busiraamu era ekyo kyeyolefu bulungi eri oyo yenna Allah gwe yawa omutima omulamu n'obwongo obulengerera ewala.

Olw'Abasiraamu abangi okwesamba eddiini yaabwe ne bagaana okujisoma n'okujikolerako ne bagoberera abakaafiiri luta ku luta nga Nabbi bwe yalanga naddala abo abawangaalira mu mawanga g'abakaafiiri, enkola y'Obusiraamu eyeekitiibwa twesingaanye ng'abantu bangi tebagitegeera nga n'Absiraamu abamu mw'obatwalidde ekireetedde abangi ku Basiraamu aboonoonefu okuwulira nti enkola y'ekikaafiiri nnungi okusinga ey'Obusiraamu ne kireetera n'abakaafiiri okwewaana n'enkola zaabwe ez'ekikaafiiri. Kale kikakata ku Basiraamu okunyiikira ennyo okusomesa abaana baabwe eddiini n'okulwanirira ennamula y'Owekitiibwa Allah okuba waggulu ng'eyo y'ensonga yokka egenda okuzza Abasiraamu ku kitiibwa kye baaliko.

Ekyo, lwa kuba nti Mazima ddala baatamwa ebyo Allah bye yassa, ne (Allah) n'asazaamu emirimu gyabwe[1]

Eky'omukaaga: Omuntu yenna ajeeja ekintu kyonna mu ddiini ya Allah ﷻ, ng'empeera y'abalongoosa oba ebibonerezo byaboonoonyi (n'ebintu ebirala; ng'ennyambala y'Obusiraamu, abasajja okukuza ebirevu, okwaziina), omuntu oyo akaafuwala. Obujulizi kw'ekyo kye kigambo ky'Omutonzi Allah:

﴿ قُلْ أَبِاللَّهِ وَآيَاتِهِ وَرَسُولِهِ كُنتُمْ تَسْتَهْزِئُونَ ﴿٦٥﴾ لَا تَعْتَذِرُوا قَدْ كَفَرْتُم بَعْدَ إِيمَانِكُمْ ﴿٦٦﴾ ﴾ التوبة

---

1 **Okutamwa okujja omuntu mu Busiraamu kwe kutamwa ennamula y'ekintu ekiri mu Busiraamu so ssi okukaluubirizibwa omuntu kw'ayinza okufuna mu kukiteeka mu nkola. Singa omuntu akkiriza ekintu ekiri mu nnamula y'Obusiraamu era ng'akkiriza nti kituufa era kigwanidde era nti Allah yakiteeka mu ddiini n'ekigendererwa eky'amaanyi wabula n'asanga okukaluubirizibwa mu kukikola, okutamwa kw'afuna mu kukaluubirizibwa tekumujja mu Busiraamu. Wabula okutamwa okujja omuntu mu Busiraamu kwe kutamwa ekyo kyennyini Allah kye yassa era ng'awulira ng'eyalyazaamanyizibwa oyo eyakimulaalikako era ng'alaba ng'ekitagwanidde. Ekyokulabirako, kye kiragiro kya Allah eri abasajja bonna okufuluma okutaasa eddiini ye singa omukulembeze alangirira Jihaad oba ng'obusiraamu bulumbiddwa. Wabula Omusiraamu asobola okutamwa okusisinkana abalabe olw'embeera enzito ekirimu omuli okufa oba okulemala oba okudda n'ebisago ebyenjawulo kyokka awamu n'ekyo ng'ekiragiro kya Allah eky'okwanganga abalabe takitamwa era ng'akiwa ekitiibwa. Oyo nno takaafuwala nga Allah bwe yagamba Abakkiriza nti:**

﴿ كُتِبَ عَلَيْكُمُ الْقِتَالُ وَهُوَ كُرْهٌ لَّكُمْ ۖ وَعَسَىٰ أَن تَكْرَهُوا شَيْئًا وَهُوَ خَيْرٌ لَّكُمْ ۖ وَعَسَىٰ أَن تُحِبُّوا شَيْئًا وَهُوَ شَرٌّ لَّكُمْ ۗ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٢١٦﴾ ﴾ البقرة

Mwalaalikibwako okulwana wadde nga mukitamwa. Kyokka muyinza okutamwa ekintu ate nga kye kirungi gye muli, era muyinza okwagala ekintu nga'ate kye kibi gye muli. Era Allah amanyi ate mmwe temumanyi.

Bagambe nti: Allah, n'ebigambo Bye, n'Omubaka We be mubadde mujeeja?! Temwewozaako! Mazima mukaafuwadde oluvannyuma lw'okuba nti mubadde Bakkiriza.[1]

Eky'omusanvu: Eddogo. Erya sswarfu (sswarfu, ly'eddogo ly'okukyusa omuntu okumujja ku kintu ky'ayagala okukimutamisa – ng'okuloga omusajja okumukyayisa mukyalawe gwayagala n'amutama) N'erya 'Atwuf (Atwuf, ly'eddogo erikolebwa okukyusa omuntu okumwagazisa ekyo ekitamubadde ku mwoyo – ng'eddogo ly'obuganzi). Omuntu yenna akola eddogo, oba asiima likolebwe, akaafuwala. Obujulizi ku kyo, ky'ekigambo kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

1 Anti okujeeja ekintu kyonna mu ddiini kabonero kakulu nnyo mu bubonero bw'abannanfuusi abakaafiiri. Wadde kizibu okumanya nti gundi munnanfuusi – olw'okuba obunnanfuusi obukaafuwaza bwekweka mu mutima nga nnyinibwo yekka y'atera okubwemanyira, Allah ﷻ yatugamba nti bategeerekekera ku biyitira ku nnimi zaabwe. Yagamba nti:

﴿وَلَوْ نَشَآءُ لَأَرَيْنَٰكَهُمْ فَلَعَرَفْتَهُم بِسِيمَٰهُمْ ۚ وَلَتَعْرِفَنَّهُمْ فِى لَحْنِ ٱلْقَوْلِ ۚ وَٱللَّهُ يَعْلَمُ أَعْمَٰلَكُمْ ﴿٣٠﴾﴾ محمد

Singa twali twagadde twalibakulaze (Ggwe Nabbi Muhammad – abo abakulinako akakukuuzi ne ku ddiini) era walibategeereredde ddala ku bubonero bwabwe. Kyokka ojja kubategeerera ddala ku makulu g'ebigambo byabwe. Ne Allah amanyi nnyo bye mukola

Anti omuwulira ali ku mwanjo nnyo mu kuvumirira enkola y'Obusiraamu n'okujerega wamu n'okulengezza ababunywereddeko, ababuteeka mu nkola. Bw'alaba omulongoogu emirembe nga gimuggwako nga n'ekifuba kimuzimba. Tafuna bussizo paka ng'amwogeddeko ekigambo ekimuweebuula, ekimukkakkanya, ekimunakuwaza. Ate bw'alaba omwonoonefu eyasenguka eddiini, ng'atebenkera omutima! Bw'alaba omukyala Omukkiriza ayambadde ng'Omutonzi bwe yamulagira, ng'amukasukira ogugambo, ate bw'alaba akunamye eyaggwamu eddiini n'ensa, ng'atebenkera omutima!

﴿وَمَا يُعَلِّمَانِ مِنْ أَحَدٍ حَتَّىٰ يَقُولَآ إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةٌ فَلَا تَكْفُرْ ﴾ (١٠٢) البقرة

Tebaalisomesanga (eddogo) muntu yenna nga tebamugambye nti: Mazima ffe tuli kikemo gy'oli, tokaafuwala.

***Eky'omunaana**:* Okuyamba ku bakaafiiri – mu nnyamba yonna - okulwanyisa oba okunyigiriza Abasiraamu. Akikola akaafuwala olw'ekigambo kya Allah ﷻ kye yagamba nti:

﴿وَمَن يَتَوَلَّهُم مِّنكُمْ فَإِنَّهُۥ مِنْهُمْ إِنَّ ٱللَّهَ لَا يَهْدِى ٱلْقَوْمَ ٱلظَّٰلِمِينَ ﴾ (٥١) المائدة

Era omuntu yenna mummwe abafuula bakwano be nfiirabulago, ddala aba wa mu bo. Mazima Allah talungamya kibiina ky'abalyazaamaanya.[1]

---

1 Kiri haraamu eri Omukkiriza yenna okufuula abalabe ba Allah ﷻ mikwano gye egyokumutima. Ggwe tolaba nga ne mu magezi tekijja, okukola omukwano n'omulabe wa muzadde wo akusuza, akuliisa oba mukama wo eyakuwa omulimo era akukozesa wadde nga takugaanangako kukola mukwano na mulabe we oyo? Kati ate kiri kitya singa aba yakugaana okukola omukwano naye? Allah ﷻ yagamba nti:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوا۟ لَا تَتَّخِذُوا۟ عَدُوِّى وَعَدُوَّكُمْ أَوْلِيَآءَ تُلْقُونَ إِلَيْهِم بِٱلْمَوَدَّةِ وَقَدْ كَفَرُوا۟ بِمَا جَآءَكُم مِّنَ ٱلْحَقِّ يُخْرِجُونَ
ٱلرَّسُولَ وَإِيَّاكُمْ أَن تُؤْمِنُوا۟ بِٱللَّهِ رَبِّكُمْ ﴾ (١) الممتحنة

Abange mmwe Abakkiriza! Temufuulanga abalabe bange era abalabe bammwe mikwano gyammwe (wadde abakuumi bammwe) ne mubawa okwagala kwammwe ate nga mazima ddala baakaafuwalira amazima agaabajjira. (Tebaakoma awo wokka) ne basengula Omubaka wa Allah nammwe (mu maka gammwe ne mu kibuga kyammwe Makka) ewatali nsonga yonna (okuggyako okuba nti) mukkirizza Allah Omulezi wammwe!

Okusinziira ku kwanukula kwe weeyanukudde, ddala olaba nga kigwanidde Omukkiriza okufuula omulabe wa Allah ﷻ mukwano gwe wadde nga tamugaanye? Ate kiri kitya nga Allah yamugaana mu bujulizi obungi obuli mu Qur'aan ne Sunnah nga ayat eyo eri waggulu? Ye obadde okimanyi nti ayaat ezisinga obungi mu Qur'aan oluvannyuma lwa

Eky'omwenda: Omuntu akkiriza nti tewali mutawaana abantu abamu okuva mu Busiraamu ne babeera mu nzikiriza endala naye aba mukaafiiri. (Ng'abazadde abawa abaana baabwe eddembe okwesalirawo eddiini gye baagadde okusoma oba abantu abagamba nti amadiini gonna matuufu mbu anti fenna tusinza Katonda omu oba abafumbiza bawala baabwe abasajja abakaafiiri n'abalala ababafaanana). Obujulizi obulaga obukaafiiri bw'omuntu oyo, ky'ekigambo kya Allah kye yagamba nti:

﴿ وَمَن يَبْتَغِ غَيْرَ ٱلْإِسْلَٰمِ دِينًا فَلَن يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِى ٱلْءَاخِرَةِ مِنَ ٱلْخَٰسِرِينَ ﴿٨٥﴾ ﴾
آل عمران

N'omuntu yenna eyeegwanyiza eddiini etali Busiraamu, Allah tagenda kujikkiriza era ku nkomerero agenda kuba mw'abo abafaafaaganiddwa.

---

ayaat ezitugaana shirik zitugaana kukwana bashiriku na bakaafiiri? Anti buba bulimba obw'enkukunala omuntu okugamba nti yakyawa shirik n'obukaafiiri ng'ate bannanyini mbeera ezo be bakwano be abookulusegere. N'asula nga teyeebase ng'abanoonyeza obululu n'atuuka n'okukaaba nga tebayiseemu nga bwojja nti babadde bagenda kulwanirira Busiraamu nga batuuse mu buyinza!

Tewali nsonga etukyayisa bantu abo okuggyako lwakuba baakaafuwalira Omutonzi waabwe oyo abalabirira, ne bamulekawo ne basinza lubaale, obuwumbe, bantu bannaabwe n'ebirala ebifaanana bwe bityo. Tebaakoma awo, wabula baakyawa obulungamu n'abalungamu abo abaasalawo okusinza oyo yekka eyabatonda, ne baboolekeza obulabe obw'ebika eby'enjawulo, omuli okubatta, okubawangangusa, okubasiba, okubaboola, okubajeeja, okubalimbirira, okubalimbisa n'obulabe obulala obutalojjeka – nga bagenderera okubaggya ku ddiini yaabwe ey'ekitiibwa n'okujeesambisa abantu abalala.
Akatundu kano kanokoddwa mu Kitabo kyaffe: Enzikiriza Y'Omusiraamu Entuufu – faayo nnyo nakyo okisome osobole okwongera okugaziwa ku nsonga eno n'okumanya ddi lw'okkirizibwa okukolagana n'abakaafiiri kubanga Obusiraamu byonna bwabisomesa bulungi.

Eky'ekkumi: Okwesamba eddiini ya Allah سبحانه وتعالى; n'agaana okugisoma wadde okugikolerako. Obujulizi ku kyo, ky'ekigambo kya Allah سبحانه وتعالى:

﴿وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّن ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ ثُمَّ أَعْرَضَ عَنْهَا ۚ إِنَّا مِنَ الْمُجْرِمِينَ مُنتَقِمُونَ ﴿٢٢﴾﴾
السجدة

Mulyazaamaanya ki asinga oyo gwe bajjukiza amateeka g'Omulezi we n'agakuba amabega? Mazima tujja kuwoolera ku ba kyewaggula.[1]

---

1 Okwesamba eddiini kulimu emiteeko ebiri: Okujeesamba mu bujjuvu n'okwesamba ebimu kw'ebyo ebijirimu. Omuteeko ogusooka (okwesamba mu bujjuvu) nannyini gwo aba mukaafiiri ow'ekikolo. Anti mu bitendo bye, aba yanaaza ekiyitibwa eddiini mu matu ge ne mu mutima gwe wadde ng'ayinza okukolayo ekikolwa eky'Obusiraamu olwa kabandabe oba olwa naakolantya oba olw'ensonyi. Bw'awulira ayogera ku ddiini, ng'emirembe gimuggwako! Talwawo nga yamwambalidde dda nti: Ggwe naawe eddiini yakwonoona! Tamanyi bikolo biyimiriddeko ddiini eyo, tayagala kujiyiga wadde okujiyigiriza abaana be, tafa ku by'eziyiza wadde by'eragira! Talina bulumi wadde okunakuwala olw'Abasiraamu abanyigirizibwa olw'eddiini yaabwe! Okubeerawo kw'Obusiraamu n'obutabeerawo kwabwo tekulina kye kimukyusaako! Oyo nno taba na kikolo kya Busiraamu era aba mukaafiiri. Yagamba Allah عز وجل nti:

﴿وَلَقَدْ ذَرَأْنَا لِجَهَنَّمَ كَثِيرًا مِّنَ الْجِنِّ وَالْإِنسِ ۖ لَهُمْ قُلُوبٌ لَّا يَفْقَهُونَ بِهَا وَلَهُمْ أَعْيُنٌ لَّا يُبْصِرُونَ بِهَا وَلَهُمْ آذَانٌ لَّا يَسْمَعُونَ بِهَا ۚ أُولَٰئِكَ كَالْأَنْعَامِ بَلْ هُمْ أَضَلُّ ۚ أُولَٰئِكَ هُمُ الْغَافِلُونَ ﴿١٧٩﴾﴾ الأعراف

Mazima twatondera omuliro Jahannama bangi mu majinni n'abantu; Balina emitima naye tebagyeyambisa kutegeera, balina amaaso naye tebageeyambisa kulaba, balina amatu naye tebageeyambisa kuwulira. Abo nno, balinga ebisolo ebirundibwa – nedda, bo babuze okubisinga! Abo nno be ba ssemugayaavu.

Ate omuteeko ogwokubiri (okwesamba ebimu kw'ebyo ebiri mu ddiini) nannyini gwo taba mukaafiiri singa aba ng'ebyo bye yeesambye ssi bikolo mu bikolo by'eddiini nga Tawhiid. Bw'aba yeesambye Tawhiid oba Esswala, ne bw'aba ng'akola emirimo egisigadde nga n'Obusiraamu – mu kulowooza kwe – abwagala, aba mukaafiiri. Kyokka bw'aba yakuuma

Okukaafuwala kw'oyo agudde mu bintu ebyo ekkumi ebimenyeddwa tekusosola oyo abiguddemu ng'asaagirira, oba abiguddemu ng'abitegeeza oba olw'obutiitiizi. Awona okukaafuwala y'oyo yekka gwe bakase obukasi n'akikola nga teyeesiimidde. Ebintu ebyo ekkumi era, bye bisinga okuba eby'obulabe n'okuba nti abantu bye basinga okugwamu. N'olwekyo kigwanidde Omusiraamu okubyewala n'okubitya.

Mu nsonga eyookuna, mu ebyo bye tulabye ebiggya omuntu mu Busiraamu, mwe mugwa abantu abakkiriza nti zi ssemateeka ezikolebwa abantu (constitutions), zisinga (oba zenkana) ennamula y'Obusiraamu. Oba nti enteekateeka y'ennamula y'Obusiraamu tetuukana na kyasa kino ekya abiri! Oba nti enteekateeka y'Obusiraamu y'ensonga evaako Abasiraamu okusigalira emabega. Oba nti enteekateeka y'Obusiraamu ekoma ku nkolagana y'omuntu ne Katonda we naye tegwanidde

---

Tawhiid nga n'Esswala agiyimirizaawo nga yeewala n'ebintu ebiggya omuntu mu Busiraamu, oyo Obukkiriza bwe bukendeera okusinziira ku kwesamba kwe era ne bulinnya okusinziira ku kwewaayo kwe. Bw'afa ng'abadde mugayaavu mu ddiini ye, tetumukakasaako muliro wabula tuba mu kutya eri okuwona kwe. Ate bw'afa ng'abadde munyikivu era tetumukakasaako Jjana wabula tuba n'essuubi ddene eri okujiyingira kwe – anti embeera y'Omusiraamu Omulongoogu n'omwonoonyi eri mu mikono gya Allah ﷻ.

Yagamba omumanyi omukenkufu ow'ekitiibwa Sheikh Muhammad Ibn Abdulwahaab Attamiimie Annajid (Allah amusaasire) mu kitabo kye "Nawaaqidhul Islaami" (Ebintu ebiggya omuntu mu Busiraamu): "Ensonga eyekkumi mu nsonga eziggya omuntu mu Busiraamu kwe kwesamba okuyiga eddiini n'okujikolerako". Bwe yatuuka ku nsonga eyo, Sheikh Swalih Ibn Fauzaan al Fauzaan, ng'agaziya n'okunnyonnyola ekitabo ekyo yagamba nti: "Abo abakaafuwala olw'obutayiga ddiini beebo abeesamba okujiyiga ng'era tebajirabamu na mugaso. Kyokka agaana okujiyiga olw'obugayaavu, avumirirwa naye takaafuwala".

kuyingizibwa mu mbeera z'obulamu ezisigadde (ng'ez'ebyobufuzi, eby'enfuna, obulamuzi n'ebirala).

Era mu bakaafuwala wansi w'ensonga eyookuna gye tulabye, be bantu abalaba nti okuteeka mu nkola ennamula ya Allah ﷻ, ng'eyokutemako omukono gw'omubbi, oba okussa omwenzi omufumbo amayinja tebigwanira ku mulembe guno!

Era mu nsonga eyo eyookuna, mwe mugwa abakkiriza nti kikkirizibwa okulamuza ennamula etali ya Allah ﷻ mu nkolagana z'abantu wakati waabwe, oba mu kubonereza abamenyi b'amateeka, oba embeera endala ezitali ezo ebbiri ne bw'aba ng'omuntu oyo akkiriza nti ennamula ya Allah ﷻ esinga ennamula ezo obulungi. Anti bw'akkiriza nti kikkirizibwa okulamuza ennamula etali ya Allah ﷻ wadde akkiriza nti eya Allah y'esinga, aba akkirizza okukolebwa kw'ekintu Allah ﷻ kye yaziyiza okukolebwa n'Abasiraamu ne beegatta ku kuziyizibwa kwakyo. Ate nga buli akkiriza okukolebwa kw'ekyo Allah ﷻ kye yaziyiza mu ebyo ebimanyiddwa mu ddiini olw'empaka, ng'obutakkirizibwa bw'obwenzi, okunywa omwenge, okulya rriba, okulamuza ekitali nnamula ya Allah aba mukaafiiri eyeegattibwako Abasiraamu bonna nti mukaafiiri.[1]

1 Mu bintu ebyegattibwako Abasiraamu bonna, bwe bukaafiiri bw'omuntu awakanya ekintu kyonna Allah kye yalagira oba kye yaziyiza oba Omubaka We ng'amanyidde ddala bulungi nti Allah ye yakiragira oba Omubaka We. Ekintu ekyo ne bwe kitaba kya tteeka akiwakanyizza akaafuwala. Ate singa alemererwa okuteeka mu nkola ekyamulagirwa oba okwewala ekyaziyizibwa kyokka ng'amanyi nti mu butakiteeka mu nkola musobya era ng'ayagala n'okuwa ekitiibwa abo abakitadde mu nkola era ng'akkiriza nti asobola okubonerezebwa olw'obujeemu bwe, omuntu oyo takaafuwala wabula aba Musiraamu omwonoonefu ateekeddwa okwerwanako okuwona ebibonerezo bya Allah.

Okumaliriza:

Tusaba Allah ﷾ atutaase ebyo ebitukakasaako obusungu bwe n'ebibonerezo bye ebiruma, n'okusaasira n'emirembe bibeere ku asinga ebitonde byonna obulungi – Omubaka Muhammad ﷺ – n'abantu b'ennyumba ye ne ba Sswahaaba be رضي الله عنهم bonna.

Kya:

Sheikh Abdul Aziiz Ibn Abdillaahi Ibn Baaz
Eyali Mufti Wa Saudi Arabia – Allah Amusaasire.

Kivvuunuddwa era ne kinnyonnyolwa:

Muhammad Quraish Mazinga Abu Sa'ad
Nga: 17th Safar 1431 - Islamic Calender
Ezenkana: 1st February 2010 – Gregorian Calender
Mu Kibuga Asshihir – Hadhramout
Mu Gwanga lya Yemen

Alina ky'abuuza oba ky'awabula, mpandiikira ku:
shkmazinga@yahoo.com oba shkmazinga@gmail.com